ERA OLW'OKUBANGA mu Ndagaano (Agreement) eyakolebwa nga March 10, 1900 (eyitiddwa Endagaano ya Buganda mu biddirira) wakati wa Sir Henry Hamilton Johnson, Knight Commander of the Most Honourable Order of the Bath, Her Majesty's Special Commissioner, Commander-in-Chief and Consul-General wa Uganda Protectorate era n'Amatwale agaliraanyewo, ku lwa Her Majesty Queen Victoria ku luuyi olumu ne Ba-Regent n'abaami abamu ab'e Buganda ku lwa Kabaka w'e Buganda n'abaami n'abantu b'e Buganda ku luuyi olulala, enkolagana wakati wa Gavumenti ya Her Majesty, ne Gavumenti ya Uganda Protectorate (eyitibwa "Protectorate Government" mu biddirira) ne Kabaka n'abaami n'abantu b'e Buganda yayongera okunyonnyolwa era ne Kabaka wa Buganda n'abalibwa nga ye mufuzi Munnansi owa Buganda ng'akuumibwa era ng'atwalibwa Her Majesty:

ERA OLW'OKUBANGA mu Ndagaano endala ezaddirira Endagaano (Endagaano ya Buganda, 1900) yagaziyizibwa era n'ekyusibwa:

ERA OLW'OKUBANGA Etteeka (Ordinance) erya Uganda Protectorate, eriyitibwa Buganda Courts Ordinance eryatekebwa mu kukkiriziganya ne Gavumenti ya Buganda, ensala y'Emisango mu Buganda yayongera okulongoosebwa:

ERA OLW'OKUBANGA Gavumenti ya Her Majesty yawa Kabaka, n'abaami n'abantu b'e Buganda akakalu mu bigambo bwe biti:

"Gavumenti ya Her Majesty terina kirowoozo n'akamu kokka eky'okuleeta ensonga y'okugattibwa kw'Amatwale ga East Africa mu kiseera ekya kaakati oba mu kiseera ekirala kyonna ebirowoozo

by'abantu ba East Africa ku nsonga eno bwe biriba nga bikyali nga bwe biri kati. Gavumenti ya Her Majesty etegeerera ddala bulungi nti ekirowoozo ky'abantu abasinga obungi mu Protectorate yonna, na ddala mu Buganda, n'ekirowoozo ky'Olukiiko Olukulu ng'okitaddeko, tebakkiriza Uganda Protectorate kuyingizibwa mu kugattibwa kwonna okw'engeri ng'eno; Gavumenti ya Her Majesty ekirowoozo kino eky'abasinga obungi si ya kukigalabanya n'akatono yadde kati oba mu kiseera ekirala kyonna, n'olwekyo eraba nti tekisobokerako ddala n'akatono okuyingiza Uganda mu kugattibwa kwonna okw'engeri eyo mu kiseera kino, oba mu kiseera ekirala kyonna endowooza y'abasinga obungi bw'eriba ekyali nga bw'eri kati. Nga tulowooza ku biro ebiri mu maaso ewala, Gavumenti ya Her Majesty teyinza kutegeeza kaakano nti ekigambo ky'okugatta Amatwale ga East Africa tekiriddayo kuleetebwa, kubanga endowooza y'abasinga obungi mu Protectorate, nga n'Abaganda mwe bali, eriyinza okukyuka, kyekiva kitaba kituufu mu ngeri yonna Gavumenti ya Her Majesty okwogera ebigambo kaakano, ebiriyinza mu kiseera ky'omu maaso okuziyiza ebyo abantu ba Protectorate eno bye baliba beetaaga okukola mu kiseera ekyo. Naye Gavumenti ya Her Majesty eyinza okugamba, era egambira ddala, nti wabula nga wazzeewo okukyuka okunene mu ndowooza y'abantu abasinga obungi mu Protectorate, era n'endowooza y'abasinga obungi mu Buganda ng'ekyuse, tekirisobokera ddala Protectorate eno okuyingizibwa mu kugattibwa kw'Amatwale ga East Africa newakubadde mu biseera ebiri mu maaso ewala."

ERA OLW'OKUBANGA Gavumenti ya Her Majesty esuubizza nti mu biro ebirijja, nga wabaddewo okwetaaga okumanya endowooza y'abantu abasinga obungi nga bwe kisuubizibwa mu bweyamo buno obuweereddwa, Gavumenti ya Protectorate egenda kwebuuzza ku Gavumenti ya Buganda era ne ku Gavumenti z'ebitundu ebirala ebiri mu Protectorate okulaba engeri erisingako obulungi okutegeereramu endowooza y'abasinga obungi:

ERA OLW'OKUBANGA mu Ndagaano eyakolebwa ku lunaku lwa 15 August, 1955, eyitibwa Endagaano (ey'Ekiseera), eya Buganda 1955, Omubaka wa Her Majesty, n'ababaka ba Kabaka, n'Abaami, n'Abantu bakkiriza nti Endagaano eyo essibweko emikono.

N'OLWEKYO KAAKANO kikkiriziganyizibwa era ne kitegeezebwa bwe kiti:

1. (1) Endagaano Eno eneeyitibwanga Endagaano ya Buganda, 1955, era eneesomerwanga wamu n'Endagaano ya Buganda eya 1894, n'Endagaano ya Buganda eya 1900, n'Endagaano ezimenyeddwamu mu Schedule Ey'okusatu mu Ndagaano eno.

Erinnya,
ennyinyo-
nnyola
era
n'entandika.

(2) Endagaano ezoogeddwa mu katundu (1) ak'Ekitundu kino era n'Endagaano eno, zonna awamu zinaayinzanga okuyitibwa Endagaano za Buganda, okuva ku ya 1894 okutuusa ku ya 1955.

(3) Endagaano eno eritandika okukola ng'etekebwa omukono, era okuva olwo Gavumenti ya Her Majesty ne Kabaka, n'Abaami n'Abantu b'e Buganda banaagikumanga.

Kabaka.

2. (1) Kabaka wa Buganda, era Omufuzi wa Buganda, anaayitibwanga "His Highness the Kabaka" era anaalondebwanga mu ngeri y'emu nga bw'abadde alondebwa ebbanga lyonna, kwe kugamba nti nga y'oyo asinzizza obululu obungi mu Lukiiko.

(2) Abo omunaalondebwanga Kabaka bateekwa okubeera ab'Olulyo lw'Engoma ya Buganda, kwe kugamba abazzukulu ba Kabaka Mutesa I, era erinnya ly'omulangira alondeddwa Olukiiko linaaweerezebanga eri Gavumenti ya Her Majesty okukakasibwa, era tewaliba mulangira alibalibwa nga ye Kabaka wa Buganda okulondebwa kwe bwe kuliba tekukakasibwa Gavumenti ya Her Majesty.

Omulangira
okubalibwa
nga ye
Kabaka.

3. Omulangira yenna nga tannabalibwa Gavumenti ya Her Majesty nga ye Kabaka wa Buganda aneeyamanga obweyamo ng'agoberera ebyo ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi (Constitution) ewandiikiddwa mu Schedule Ey'oluberye berye mu Ndagaano eno, era kasita anaatuukirizanga ebigambo by'Obweyamo obwo Gavumenti ya Her Majesty ekkirizza okumubalanga nga ye Mufuzi wa Buganda.

Entegeka
y'Obufuzi
mu Bwaka-
baka bw'e
Buganda.

4. Buganda eneefugibwanga ng'Entegeka y'Obufuzi bw'eri eri mu Schedule Esooka mu Ndagaano eno, era ebyo ebiri mu Schedule eyogeddwa biritandika okugobererwa okuva ku lunaku Endagaano eno lw'eritandika okukola.

5. Okuggyako nga waliwo enkyukakyuka ereetebwa etteeka lya Buganda lyonna eririba liteekeddwa nga lisinziira mu Katundu (2) ak'Ekitundu 21 eky'Entegeka y'Obufuzi eri mu Schedule ey'Oluberye berye mu Ndagaano eno, Olukiiko lunaabangamu bano:

(a) Katikikiro, n'Omulamuzi, n'Omuwanika ne ba-Minisita abalala abalitekebawo nga bwe kiri mu Kitundu 7 eky'Entegeka y'Obufuzi eyogeddwa balibeera bammemba b'Olukiiko olw'Obwami bwabwe;

(b) buli mwami wa ssaza (amasaza gonna awamu gali amakumi abiri) naye anaabeeranga memba w'Olukiiko olw'Obwami bwe;

(c) Kabaka anaakakasanga abakungu basatu okuva mu buli ssaza okuba bammemba b'Olukiiko;

(d) Kabaka anaayinzanga okulonda abantu abalala mukaaga abakulu mu nsi okubeera bammemba b'Olukiiko era n'okumalayo ebbanga ly'anaabanga asiimye.

6. Emirimu gy'Olukiiko ginaabeeranga okuteesa ensonga ezikwata ku Gavumenti ya Kabaka, era Olukiiko lunaayinzanga okuyisa ebiteeso (resolutions) ebisemba enkola n'amateeka ebinaagobererwanga Gavumenti eyo, naye tewaabenga kiteeso kinaakolerwanga nga tekikakasibwa Mubaka wa Her Majesty (kwe kugamba nti Gavana) okuggyako nga bwe kiriba kikkiriziganyizibwa wakati we ne Gavumenti ya Kabaka nti okukakasibwa okwo tekwetaagibwa.

Emirimu
gy'Olukiiko.

7. (1) Buganda eriba n'ababaka mu Legislative Council ya Uganda Protectorate era eriweereza ababaka baayo ku Legislative Council, ebbanga lyonna kasita kiritekebawo nti obutakka wansi w'ebitundu bisatu eby'okutaano eby'ababaka b'abantu (Representative Members) ku Legislative Council eya Uganda Protectorate bajja kubeera ba-Africa era ng'omuwendo gw'abo aba-Africa ab'okulondebwa Gavana (Nominated Members) okubeera ku Council gultuusa omuwendo gw'aba-Africa bonna abali mu Council okutwalira awamu okuba ogutakka wansi w'ekitundu kimu kya kubiri ekya bammemba ba Council bonna awamu nga totaddeko President wa Council. Era olw'ekyo omuwendo gw'ababaka ba Buganda teguliba mutono kusinga kitundu kimu eky'okuna eky'ababaka b'abantu aba-Africa (Representative Members) ku Council eyo.

Ababaka ba
Buganda mu
Legislative
Council.

(2) Katikkiro anaaweerezanga eri Omubaka wa Her Majesty (kwe kugamba nti Gavana) amannya g'abo abanaalondebwanga okubeera ababaka b'abantu ab'okukiikirira Abaganda ku Legislative Council, kwe kugamba nti abo abanaabanga balondeddwa olw'ensonga eyo nga bwe kiri mu Schedule Ey'okubiri mu Ndagaano eno.

(3) Newakubadde ng'akatundu (2) ak'Ekitundu kino koogera bwe katyo, naye engeri yennyini ey'okwerondera ababaka b'abantu obuteerevu (direct elections) ab'okukiikirira Abaganda ku Legislative Council eriteekwa okutandika mu mwaka 1961 singa omwaka ogwo gultuuka ng'ebadde tennatandika.

(4) Mu mwaka 1957 Gavumenti ya Her Majesty eriteekawo enteeka-teeka erisobozesa ababaka ba Protectorate Government n'aba Gavumenti ya Kabaka okuddamu nate okwekkaanya engeri y'ennonda y'ababaka b'abantu abakiikirira Buganda ku Legislative Council. Mu kuddamu kuno okwekkaanya engeri y'ennonda eriwo, engeri yonna endala eriba eteekeddwatereddwa Gavumenti ya Kabaka ng'egyesiganya ku ebyo ebiri mu Schedule ey'Omukaaga mu Ndagaano eno eriwoozewako. Buli kyonna ekiyinzika okukolebwa kirikolebwa, ebyo ebirisebwebwa okuva mu kuddamu okwekkaanya engeri y'ennonda okubisobozesa okugobererwa, ababaka b'abantu abakiikirira

Buganda ku Legislative Council bwe baliba balondebwa nate, Legislative Council yonna okutwalira awamu ng'eddibwamu okulondebwa omulundi oguliddirira ng'Endagaano eno emaze okutandika.

Kkooti za Kabaka.

8. Enteekateeka y'Ekkooti za Kabaka n'obuyinza bwazo era n'Ensala y'emisango mu zo ejja kubeera nga bw'eri mu Tteeka erya Uganda Protectorate erifuga Ekkooti z'e Buganda ez'Emisango (Buganda Courts Ordinance) okuggyako nga waliwo etteeka eddala eririba liteekeddwa nga ne Gavumenti ya Kabaka ekkirizza, okukyu-saako ku Tteeka eryo oba okudda mu kifo kyalyo.

Ettaka mu Buganda.

9. Newakubadde nga waliwo ekintu kyonna mu Ndagaano ya 1900 ekikwata ku nsonga eno,

(a) Protectorate Government eneetoolanga ku nsimbi z'efuna okuva mu ttaka ne mu by'obugagga ebisimibwa mu ttaka eriwandikiddwa mu mannya ga Her Majesty (land vested in Her Majesty), nga bwe kiri mu Ndagaano za Buganda, ezisasule Gavumenti ya Kabaka ku ngereka y'emu nga bw'esasula District Councils mu bitundu ebirala ebya Uganda Protectorate.

(b) Omubaka wa Her Majesty (kwe kugamba nti Gavana) bali-teesaganya ne Gavumenti ya Kabaka mangu nga bwe kirisoboka okulaba obanga waliwo ettaka lyonna eriwandikiddwa mu mannya ga Her Majesty nga bwe kiri mu Ndagaano za Buganda eriyinza okukyusibwako mu bwannannyini (status).

Okulongoosa n'okuggyawo.

10. (1) Endagaano ya Buganda, 1900, erikyusibwako nga bwe kiragiddwa mu Schedule Ey'okuna mu Ndagaano eno okuva ku lunaku Endagaano eno lw'eritandika okukola.

(2) Endagaano eziragiddwa mu Schedule Ey'okutaano mu Ndagaano eno zirikomezebwa okuva ku lunaku Endagaano eno lw'eritandika.

Okuddamu okwekka-anya ku Ntegeka y'Obufuzi.

11. Tewalibaawo nkyukakyuka nnene mu Ntegeka y'Obufuzi eri mu Schedule Ey'oluberyebereye mu Ndagaano eno okumala ebbanga lya myaka mukaaga ng'Endagaano eno emaze okutandika, naye oluvannyuma lw'ekiseera ekyo ebyo ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi eyogeddwa biriddamu okwekkaanyizibwa.

SCHEDULE EY'OLUBERYEBERYE.

ENTEGEKA EY'OBUFUZI EYA BUGANDA.

Bw'eneeyiti-bwanga.

1. Entegeka Ey'Obufuzi eno eneeyitibwanga Entegeka y'Obufuzi eya Buganda.

Ennyinyo-nyola.

2. (1) Mu Ntegeka y'Obufuzi eno "Kabaka" kitegeeza oyo abalibwa nga ye Kabaka nga bwe kiri mu Kitundu 2 eky'Endagaano ya Buganda,

1955, era n'ebigambo "Gavumenti ya Kabaka" bitegeeza Gavumenti eyatekebawo olwa Buganda okusenziira mu Ntegeka y'Obufuzi eno.

(2) Gavana wa Uganda Protectorate y'anaabeeranga Omubaka wa Her Majesty mu Buganda era mu Ntegeka eno ayitiddwa Gavana.

(3) Wabula ng'ebigambo byennyini omusangibwa bino wammanga byetaaga amakulu malala, mu Ntegeka eno—

"Endagaano za Buganda" kitegeeza Endagaano za Buganda zonna okuva 1894 okutuusa 1955, era n'endagaano endala zonna ezirikolebwa oluvannyuma lw'eno wakati wa Her Majesty ne Kabaka, n'abaami n'abantu b'e Buganda oba ne Gavumenti ya Kabaka naye kyokka tekigattikamu Tteeka lyonna ery'e Buganda (Buganda Law) eritekeddwa oba Ekiragiro (Standing Order) ekiweereddwa mu kugoberera Entegeka y'Obufuzi eno;

"Etteeka lya Buganda" kitegeeza etteeka eritekeddwa okusenziira mu Kitundu 26 eky'Entegeka eno oba etteeka eryatekebwa Kabaka oba Ba-Regent ng'Entegeka y'Obufuzi eno tennatandika;

"Olukiiko" kitegeeza Olukiiko lwa Buganda;

"Minisita" kitegeeza memba wa Ministry eteekeddawo okusenziira mu Kitundu 7 mu Ntegeka eno;

"Omuto": Kabaka okubeera omuto kitegeeza nti tannaweza myaka kkumi na munaana egy'obukulu.

(4) Mu Ntegeka y'Obufuzi eno ebigambo ebyogera ku bukulu bwa ofisa wa Protectorate Government oba omwami mu Gavumenti ya Kabaka binaategeezanga ofisa oba omwami akkirizibwa okukola emirimu gy'ekifo ekyo mu kiseera ekyo.

(5) Singa Sovereign (oyo aba atudde ku Namulondo ya Bungereza) afa, amannya ga Sovereign aliddawo galidda mu kifo kya mannya ga Her Majesty Queen Elizabeth II.

(6) Entegeka y'Obufuzi eno eneewandiikibwa mu nnimi zombiriri Olungereza n'Oluganda, naye bwe kinaabangawo mu yo ekigambo ekyetaaga okwetegerezebwa amakulu, ebyo ebiri mu Lungereza bye binaagobererwanga.

(7) (a) Gavana annayinzanga okuweereza mu High Court ya Her Majesty eya Uganda ensonga yonna ekwata ku Ntegeka eno eneebanga yeetaaga okwetegerezebwa amakulu, era bw'anaasabibwanga Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minister, oba bw'anaasabibwanga Kabaka (ku nsonga yonna ekwata ku kifo kye ye yennyini oba ku mirimu gye), anaatekwanga okugiweerezaayo; era ne High Court eneesalanga ensonga eyo ng'egoberera enkola Omulamuzi Omukulu (Chief Justice) owa Uganda Protectorate gy'anaabanga alagidde.

(b) Okujulira okuva ku nsala ya High Court mu Kitundu kino kunaagendanga buteerevu eri Her Majesty ne Council ye (Her

Majesty-in-Council) n'olw'ekyo tewaabengawo kujulira kugenda mu Kkooti Enkulu eya East Africa (Her Majesty's Court of Appeal for Eastern Africa).

Okufugibwa
kwa
Buganda.

3. Mu bufuzi bwa Uganda Protectorate Buganda eneebalibwanga nga Province eyenkanankana ne Province endala Protectorate z'eneebanga esaliddwamu.

Ekitiibwa
kya
Kabaka.

4. Kabaka anaaweebwanga ekitiibwa kye mu mateeka ne mu mpisa y'Ensi mu Buganda era n'ab'Olulyo lw'Engoma mu Buganda banaaweebwanga ekitiibwa kyabwe nga bwe kibadde okutuusa leero.

Kabaka
okweyama
obweyamo.

5. (1) Kabaka bw'anaabanga tannatandika kukola mirimu gya Bwakabaka mu Ntegeka y'Obufuzi eno aneeyamanga obweyamo eri Her Majesty n'Olukiiko n'abantu b'e Buganda mu maaso ga Gavana n'ababaka b'Olukiiko, era kasita anaagobereranga ebyo ebiri mu Bweyamo anaabanga n'obuyinza okukola emirimu egimukwasibbwa mu Ntegeka y'Obufuzi eno.

(2) Obweyamo bunaabanga bwe buti—

"Nze nkakasa nti nnaabeeranga mwesigwa eri Her Majesty Queen Elizabeth II, akuuma Buganda, n'eri Abasika be, era nnaafugiranga ddala bulungi Obuganda nga ngoberera amateeka era nnaakwatanga ebyo ebiri mu Ndagaano eyakolebwa ne Her Majesty era n'ebyo ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi eya Buganda, era nnaakuu-manga emirembe n'embeera ennungi n'enfuga ennungi mu Uganda Protectorate era nnaakoleranga abantu ab'engeri zonna amazima nga ngoberera Endagaano ezoogeddwa n'Entegeka y'Obufuzi eya Buganda n'empisa z'ensi n'emizizo, era n'amateeka ga Uganda Protectorate awatali kutya oba kusiliriza awatali mukwano oba bukyayi."

(3) Kabaka anaabanga aloneddwa bw'anaabeeranga omuto mu kiseera eky'okulondebwa kwe taakolenga mirimu gya bwa-Kabaka mu Ntegeka y'Obufuzi eno, wabula gy'ayinza okukola olw'empisa y'ensi, era teyeyamenga Bweyamo okutuusa ng'awezezza emyaka egy'obukulu.

Ba-Regent

6. (1) (a) Kabaka bw'anaabeeranga omuto oba bw'anaabeeranga tasobola kukola mirimu gye mu Ntegeka y'Obufuzi eno, okuggyako ng'ali bweru wa Buganda, Olukiiko lunaalondanga abantu basatu okuba Ba-Regent.

(b) Regent aloneddwa mu Katundu (a) ak'akatundu kano anaavanga ku Bwa-Regent—

(i) Kabaka bw'anaasobolanga okukola emirimu gye nga bwe kiri mu Ntegeka y'Obufuzi eno;

(ii) Bw'anassanga omukono gwe ku bbaluwa etegeza Speaker nga bw'anaamala omulimu; oba

(iii) Olukiiko bwe lunaayisanga ekiteeso nti aleke omulimu ng'ekiteeso ekyo kireeteddwa bammemba b'Olukiiko abatakka wansi kusinga makumi abiri era nga n'abo abakisembye mu kalulu tebakka wansi okusinga ebitundu bibiri eby'okusatu ebya bammemba b'Olukiiko bonna.

(c) Ekifo kya Regent alonededdwa okusinziira mu katundu kano bwe kinaasigalanga ekyereere, Olukiiko lunaayinzanga okulonda omuntu okutwala ekifo ekyo.

(2) (a) Buli Kabaka lw'anaavanga mu Buganda anaayinzanga okulonda abantu basatu ng'assa omukono ku bbaluwa ebalonda okuba Ba-Regent nga taliwo.

(b) Regent alonededdwa mu Katunda (a) ak'akatundu kano anaavanga ku Bwa-Regent—

(i) Kabaka ng'akomyewo mu Buganda;

(ii) Bw'anassanga omukono gwe ku bbaluwa gy'awandiise okutegeza Kabaka nga bw'anaamala omulimu;

(iii) Kabaka bw'anaamugambanga aleke omulimu;

(iv) Kabaka bw'anaabanga tasobola kukola mirimu gye olw'ensonga endala okuggyako ey'okuba ng'ali bweru wa Buganda.

(c) Ekifo kya Regent alonededdwa okusinziira mu katundu kano bwe kinaasigalanga ekyereere, Kabaka anaayinzanga okulonda omuntu okutwala ekifo ekyo.

(d) Obuyinza obwogeddwa mu katundu kano tebuukozesebwenga nga Kabaka muto oba nga waliwo ensonga yonna, okuggyako okuba ebweru wa Buganda, eba ereetede Kabaka obutasobola kukola mirimu gye mu Ntegeka y'Obufuzi eno.

(3) Ba-Regent abalonededdwa okusinziira mu katundu (1) oba akatundu (2) ak'Ekitundu kino kasita banaagobereranga ebyo ebiri mu Ndagaano za Buganda, era n'ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi eno era ne bakuuma emirembe n'embeera ennungi n'enfuga ennungi mu Uganda Protectorate era nga batuukiriza ebiri mu butundu (4) ne (5), ne (6) obw'Ekitundu kino, banaabanga n'obuyinza okukola emirimu egikolebwa Kabaka mu Ntegeka y'Obufuzi eno.

(4) (a) Regent taatandikenga mirimu gya Bwa-Regent nga tannaba kulayira ng'ajja kukola omulimu ogwo mu ngeri entuufu era nga n'okulondebwa kwe oba okussibwawo kwe tekunnakkirizibwa Gavana.

(b) Olw'ebyo ebiri mu kitundu kino ekirayiro eky'okukola omulimu ogw'Obwa-Regent mu ngeri entuufu kinaabeeranga bwe kiti—

"Nze ndayira nti nnaabeeranga mwesigwa eri Her Majesty Queen Elizabeth II, akuuma Buganda, n'eri Abasika be era nti nnaakolanga bulungi ne mu mazima emirimu gya Regent wa Buganda ng'amateeka bwe gagamba era nnaakuumanga emirembe n'embeera ennungi n'enfuga ennungi mu Uganda Protectorate era nnaakoleranga abantu ab'engeri zonna amazima nga ngoberera Endagaano ezaakolebwa ne Her Majesty, n'Entegeka y'Obufuzi eya Buganda, n'amateeka n'empisa ebya Buganda era n'amateeka ga Uganda Protectorate, awatali kutya oba okusaliriza awatali mukwano oba bukyayi. Katonda anyambe".

(5) (a) Omulimu gwonna ogukolebwa Kabaka mu Ntegeka y'Obufuzi eno gunaakolebwanga Ba-Regent, ng'empisa z'ensi zibadde zibakkiriza, mu ngeri y'emu ng'emirimu egyo bwe gyandikoleddwa Kabaka, okuggyako kino nti Ba-Regent ababiri bwe banassangako omukono egyo kinaabanga kimala okutegeeza nga Ba-Regent bakkirizza.

(b) Ekigambo kyonna ekiteekwa okusalibwa Ba-Regent, ababiri ku Ba-Regent bwe banaasalanga nga bakisiimye kinaabalibwanga nga kisiimiddwa.

(c) Regent omu bw'anaabanga tali mu Buganda oba nga tasobola kukola mirimu gya Bwa-Regent olw'ensonga endala yonna oba ekifo ky'omu ku Ba-Regent bwe kinaabanga ekyereere, Ba-Regent ababiri banaakolanga emirimu egyo.

7. (1) Wanaabeerangawo Ministry ya Buganda eneeyitibwanga "Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita", era mu biddirira mu bitundu ebimu luyitiddwa "Ministry" olw'okusalira mu byangu.

(2) Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita lunaabeerangamu—

- (a) Katikkiro;
- (b) Omulamuzi;
- (c) Omuwanika;
- (d) Minisita w'Eby'Obulamu;
- (e) Minisita w'Eby'Enjigiriza;
- (f) Minisita w'Eby'Obulimi n'Eby'Obulunzi (Natural Resources).

Kyokka omuwendo n'amannya ga bammemba ba Ministry okuggyako Katikkiro n'Omulamuzi n'Omuwanika binaayinzanga okukyusibwa ng'Olukiiko lubadde luyisizza ekiteeso ne kikakasibwa Gavana.

(3) Ministry bw'eneebanga emala omulimu, Katikkiro ng'ayita mu Speaker, anaategeeza Kabaka nga Ba-Minisita bonna awamu bwe banaamala, era Kabaka bw'atyo anakkirizanga okumala kwabwe.

Kyokka Ministry bw'eneebanga emala omulimu mu ngeri eyogerwako mu Kitundu 10 eky'Entegeka y'Obufuzi eno, Kabaka takki-

rizenga kumala kuno okutuusa omuntu ow'okulya Obwa-Katikkiro lw'anaamwanjuliranga amannya g'abantu abalondeddwa okubeera Ba-Minisita ng'akatundu 7 ak'Ekitundu eky'e 12 eky'Entegeka y'Obufuzi eno bwe kagamba.

(4) Buli memba wa Ministry emirimu gye ginaabeeranga egyo Katikkiro gy'anaabanga amuwadde.

8. (1) Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita lunaabeeranga n'obuvunaayizibwa obw'emirimu eginaakolebwanga Gavumenti ya Kabaka, ate buli Minisita kinnomu anaabeeranga n'obuvunaanyizibwa bw'Ebitongole bya Gavumenti ya Kabaka ebinaabanga bimukwasibbwa.

Enkola
y'emirimu
gya
Gavumenti
ya Kabaka.

(2) Byonna ebinaakolebwanga Gavumenti ya Kabaka binaakolebwanga mu linnya lya Kabaka wabula ng'amateeka n'empisa tebi-kkiriza.

(3) Omulimu gwonna ogukolebwa Kabaka mu Ntegeka y'Obufuzi eno, gunaakolebwanga Kabaka ng'assa omukono ku kiwandiiko, wabula nga kirabika nga tekyetaagibwa, mu maaso ga Minisita ne Minisita oyo n'assaako omukono ng'omujulizi.

(4) (a) Mu Ntegeka y'Obufuzi eno awagamba nti Kabaka ayinza okukozesa obuyinza ku kigambo ekisembeddwa omuntu yenna oba abantu abalina obuyinza, Kabaka anaakozesanga obuyinza bwe ng'agoberera ebisembeddwa.

(b) (i) Ebigambo ebiwandikiddwa Katikkiro by'ataddeko omukono okutegeeza nga Kabaka akozesezza obuyinza obuteekwa okukozesebwa ng'agoberera ebisembeddwa Katikkiro obo Ministry binaabeeranga bujulizi obukakasiza ddala ekikolwa ekyo.

(ii) Kopi ekakasiddwa nga ntuufu eya minute y'Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi obo eya minute y'akakiiko konna akateekeddawo Kabaka ng'Entegeka y'Obufuzi eno bw'eri etegeeza nga Kabaka akozesezza obuyinza obuteekwa okukozesebwa ng'agoberera ebisembeddwa Akakiiko Akalonda obo akakiiko akalala, eneebanga bujuluzi obukakasiza ddala ekikolwa ekyo.

9. Katikkiro anaateekwanga okumanyisa Kabaka ebigambo byonna ebikulu ebifa ku Gavumenti ya Kabaka.

Kabaka
okutegeze-
bwanga.

10. (1) Olukiiko bwe lunaatuulanga omulundi ogusooka ng'olubaddewo lukomye, Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita olunaabanga luliko mu bbanga eryo lunaategeezanga bwe lumaze omulimu.

Enkola enee-
gobererwa-
nga ng'Olu-
kiiko oluggya
lutandika.

(2) Ministry bw'eneemalanga okutegeeza bw'emaze omulimu nga bwe kiri mu katundu (1) ak'Ekitundu kino, omuntu ow'okulya Obwa-Katikkiro anaalondebwanga nga bagoberera enkola eteeke-ddwawo mu Kitundu 11 eky'Entegeka eno n'ab'okufuuka Ba-Minisita

banaalondebwanga ng'enkola bw'eri mu Kitundu 12 eky'Entegeka y'Obufuzi eno.

Ennonda
y'omuntu
ow'okulya
Obwa-
Katikikiro.

11. (1) Speaker anassangawo olunaku amannya g'abo omunaalondebwa ow'okulya Obwa-Katikikiro kwe ganaakomanga okumuweebwa.

(2) (a) Buli muntu, ne bw'ataabenga memba wa Lukiiko, anaayinzanga okuteekebwa ku abo ab'okulondamu anaalya Obwa-Katikikiro, kasita bammemba b'Oluikiiko abaleeta erinnya lye batakkenga wansi wa bataano.

(b) Amannya agaloneddwa ganaaweebwanga Speaker mu buwandiike nga bammemba abagalonze bagataddeko omukono, nga gamuweebwa ku lunaku lwe yassaawo nga lwe lw'enkomerero oba nga terunnatuuka.

(3) Speaker anaawandiikanga olukalala lw'amannya gonna ag'abantu agaleeteddwa mu ngeri entuufu kopi zaago n'aziwa ab'Oluikiiko.

(4) Ku lunaku olw'okutaano (nga tobaze lwa Ssande) okuva amannya ago lwe gaweebwa ab'Oluikiiko oba ku lunaku olulala Speaker lw'anaabanga alabye nga lwe lusaanye, Oluikiiko lunaalondanga nga lukuba akalulu mu kyama omuntu ow'okulya Obwa-Katikikiro nga lumuggya mu mannya agaluweebwa; Speaker n'alyoka ayanjula erinnya ly'omuntu oyo aloneddwa eri Gavana okulikakasa.

(5) Erinnya ery'omuntu aloneddwa okulya Obwa-Katikikiro nga bwe kiri mu katundu (4) ak'Ekitundu kino bwe litaakakasibwenga Gavana wanaabangawo okulonda omuntu omulala ow'okulya Obwa-Katikikiro nga bwe kiri mu nkola etereddawo waggulu mu Kitundu kino.

(6) Obwa-Katikikiro bwe butaabengako muntu, Speaker anaateekwanga okumanyisa Kabaka okulonda okwogerwako mu Kitundu kino nga bwe kunaabanga kugenda.

Ennonda
y'abantu
ab'okulya
Obwa-
Minisita.

12. (1) Omuntu ow'okulya Obwa-Katikikiro ng'amaze okulondebwa n'okulondebwa kwe nga kumaze okukakasibwa Gavana, Speaker anaalaganga olunaku amannya g'abo omunaalondebwa ab'okulya Obwa-Minisita obulala obutali Bwa-Katikikiro lwe galikoma okumuweebwa.

(2) Buli muntu yenna, ne bw'ataabenga memba w'Oluikiiko, anaayinzanga okuteekebwa mu abo ab'okulondebwamu ab'okulya Obwa-Minisita, ng'omuntu aloneddwa okulya Obwa-Katikikiro y'aleese erinnya lye oba nga lireeteddwa bammemba b'Oluikiiko abatakka wansi wa basatu.

(3) Abaleeta amannya gano tebaategeezenga kitongole oli kye bamwagaliza, wabula bo banaaleetanga mannya g'abasaanidde kulya Bwa-Minisita kyokka, era amannya ganaaweebwanga Speaker mu buwandiike ng'omuntu oba abantu abagaleeta bataddeko omukono,

nga Speaker gamuweebwa ku lunaku lwe yassaawo okulonderako oba nga terunnatuuka.

Kyokka:—

(a) Abantu abalala bonna okuggyako oyo alonedddwa okulya Obwa-Katikkiro tebaaleetenga buli omu mannya gasukka asatu;

(b) Alonedddwa okulya Obwa-Katikkiro taaleetenga mannya gasukka ataano.

(4) Speaker anaawandiikanga olukalala lw'amannya g'abantu agaleeteddwa mu ngeri entuufu okulondebwa ku Bwa-Minisita kopi zaago n'aziwa ab'Olukiiko, naye amannya g'abantu Speaker g'awandiise ku lukalala bwe ganaasukkanga ku g'abantu kkumi na bataano, Olukiiko, ku lunaku olw'okusatu (nga tobaze lwa Ssande) okuva Speaker kopi lwe yaziwa ab'Olukiiko oba ku lunaku olulala Speaker lw'anaabanga alabye lunaalondanga nga lukuba akalulu mu kyama abantu kkumi na bataano abasaanye okulya Obwa-Minisita nga lubaggya mu mannya ago Speaker ge yawandiika ku lukalala.

(5) Omuntu alonedddwa okulya Obwa-Katikkiro anaalondanga abantu ab'okuweebwa Obwa-Minisita ng'abaggya mu abo abawandiikiddwa mu lukalala lw'abantu abasaanidde okulya Obwa-Minisita (oba, olukalala bwe lunaabangako amannya g'abantu abasukka ekkumi n'abataano, ng'abaggya mu abo Olukiiko be lulonze nga be basaanidde okulya Obwa-Minisita), amannya gaabwe n'aganjulira Gavana bakakasibwe okuweebwa Obwa-Minisita.

(6) Gavana bw'ataakakasenga linnya lya muntu alonedddwa okuweebwa Obwa-Minisita, omuntu alonedddwa okulya Obwa-Katikkiro anaalondangayo omuntu omulala mu ngeri etegezeddwa mu katundu (5) ak'Ekitundu kino, era erinnya lye n'alyanjulira Gavana amukakase okuweebwa Obwa-Minisita.

(7) Omuntu ow'okulya Obwa-Katikkiro anaayanjuliranga Kabaka amannya g'abantu abalonedddwa mu ngeri eteekeddawo waggulu mu Kitundu kino, agakakasiddwa Gavana, ng'asemba buli omu Ekitongole ky'anaalya.

(8) Obwa-Katikkiro bwe butaabengako muntu, Speaker anaamanyisanga Kabaka ng'ennonda eyogerwako mu Kitundu kino bw'eneebanga egenda.

13. Amannya g'abantu abalonedddwa okuweebwa Obwa-Minisita bwe ganaamalanga okwanjulirwa Kabaka, Kabaka anaagabiranga Obwa-Katikkiro oyo alonedddwa okubulya, ng'amukwasa Ddamula, ate, ku lunaku olulala olutali olwo lw'agabiddeko Obwa-Katikkiro, abantu abalonedddwa okulya Obwa-Minisita anaabawanga Obwa-Minisita oyo alonedddwa okulya Obwa-Katikkiro bwe yasemba balye, ne beeyanza obwami obwo ng'empisa bw'eri.

Okugaba
Obwa-
Minisita.

Okukyusa
Ba-minisita.

14. (1) Katikikiro ng'asembye, Kabaka anaayinzanga okuggya Minisita yenna atali Katikikiro mu Kitongole ky'Obwa-Minisita ky'abaddemu n'amuwa Ekitongole ky'Obwa-Minisita ekirala.

(2) Omuntu bw'anaabanga agenda okukyusibwa okuva mu Kitongole ky'Obwa-Minisita ekimu okuweebwa ekirala, ng'Ekitundu kino bwe kigamba, anaategeezanga Kabaka bw'amaze emirimu gy'Ekitongole ky'Obwa-Minisita ky'abaddemu, Kabaka n'alyoka amuwa Ekitongole ky'Obwa-Minisita ekirala, ne yeeyanza ng'empisa bw'eri.

Ebifo
by'Obwa-
Minisita bwe
binaabanga
ebwereere.

15. (1) Obwa-Minisita bwonna bwe bunaabeeranga obwereere nga Ministry evuddeko ng'Ekitundu 16, oba Ekitundu 40 eky'Entegeka y'Obufuzi eno bwe kigamba omuntu ow'okulya Obwa-Katikikiro n'abasaanidde okulya Obwa-Minisita obulala (obutali Bwa-Katikikiro) banaalondebwanga ng'enkola etereddawo mu Kitundu 11 ne mu Kitundu 12 eby'Entegeka y'Obufuzi eno bw'eri, era omuntu ow'okulya Obwa-Katikikiro n'abalala abaloneddwa mu ngeri eyogeddwa ne baweabwa Obwa-Minisita ng'Ekitundu 13 eky'Entegeka y'Obufuzi bwe kigamba.

(2) (a) Obwa-Katikikiro bwe bunaabanga obwereere, nga kino kizze mu ngeri endala yonna eteri ya Ministry yonna okumala omulimu, omuntu ow'okulya Obwa-Katikikiro anaalondebwanga mu ngeri eteekeddawo mu Kitundu 11 eky'Entegeka y'Obufuzi eno, Kabaka n'amuwa Obwa-Katikikiro ng'amukwasa Ddamula.

(b) Katikikiro bw'anaamalanga okussibwawo ng'akatundu (a) ak'akatundu kano bwe kagamba, Ba-Minisita abalala abanaabangako ng'oyo aweebwa Obwa-Katikikiro, banaategeezanga Kabaka nga bamaze omulimu, Katikikiro n'alyoka asembe eri Kabaka okubakkiriza oba okubagaana okumala omulimu, ne Kabaka n'akola nga bwe kisembeddwa.

(c) Ebifo bya Ba-Minisita abalala okuggyako eky'a Katikikiro bwe binaabanga nga byereere olwa Ba-Minisita okumala omulimu nga bakkirizibwa:—

(i) Speaker anaategeezanga olunaku amannya g'abo omunaalondebwanga ab'okulya Obwa-Minisita obwo obulala, okuggyako Obwa-Katikikiro, lwe ganaakomanga okumuweebwa;

(ii) Omuntu yenna okuggyako oyo anaabanga abadde Minisita mu bbanga Katikikiro w'anaabanga aweereddwa Obwa-Katikikiro, erinnya lye linaayinzanga okuleeterwa mu mannya ag'okulondwamu ab'okulya Obwa-Minisita, ne bw'ataabeerenga memba wa Lukiiko, obanga Katikikiro y'amuleeta obanga aleetebwa bammemba b'Oluikiiko abatakka wansi wa basatu;

(iii) Abaleeta amannya gano tebategeezenga kitongole muntu kye bamwagaliza wabula banaaleetanga mannya g'abasaanidde kulya

Bwa-Minisita kyokka; amannya ganaawebwanga Speaker mu buwandiike ng'abagaleeta bataddeko omukono, nga gamuweebwa ku lunaku lw'anaabanga alaze okulonderako oba nga terunnatuuka;

Kyokka—

(a) Abantu abalala bonna okuggyako Katikkiro tebaaleetenga buli omu mannya gasukka asatu;

(b) Katikkiro taaletenga mannya gasukka ataano.

(iv) Speaker anaawandiikanga olukalala lw'amannya g'abantu agaleeteddwa mu ngeri entuufu okulondebwa ku Bwa-Minisita kopi zaago n'aziwa ab'Oluikiiko, naye amannya g'abantu Speaker g'awandiise ku lukalala bwe ganaasukkanga ku g'abantu kkumi, Oluikiiko, ku lunaku olw'okusatu (nga tobaze lwa Ssande) okuva Speaker kopi yaziwa ab'Oluikiiko oba ku lunaku olulala Speaker lw'anaabanga alabye, lunaalondanga, nga lukuba akalulu mu kyama, abantu kkumi abasaanye okulya Obwa-Minisita nga lubaggya mu mannya ago Speaker ge yawandiika ku lukalala.

(v) Katikkiro anaalondanga abantu ab'okuweebwa Obwa-Minisita ng'abaggya mu

(a) abo abawandiikiddwa mu lukalala lw'abantu abasaanidde okulya Obwa-Minisita (oba olukalala bwe lunaabangako amannya g'abantu abasukka ekkumi, ng'abaggya mu abo Oluikiiko be lulonze nga basaanidde okulya Obwa-Minisita); oba ne mu

(b) bantu abaali ku Bwa-Minisita we yaliira Obwa-Katikkiro.

Era amannya gaabwe n'aganjulira Gavana bakakasibwe okuweebwa Obwa-Minisita.

(vi) Gavana bw'ataakakasenga linnya lya muntu aloneddwa okuweebwa Obwa-Minisita, Katikkiro anaalondangayo omuntu omulala mu ngeri etegezeddwa mu katundu (v) ak'akatundu kano, era erinnya lye n'alyanjulira Gavana amukakase okuweebwa Obwa-Minisita.

(vii) Katikkiro anaayanjuliranga Kabaka amannya g'abantu abaloneddwa mu ngeri etereddawo waggulu mu katundu kano, abakakasiddwa Gavana ng'asemba buli omu ku bantu abo aweebwe Ekitongole eky'Obwa-Minisita Katikkiro ky'amwagaliza, awo Kabaka n'alyoka awa abantu abo Obwa-Minisita nga bwe kisembeddwa okubawa ne babweyanza ng'empisa bw'eri.

(3) (a) Bwe wanaagwangawo ekifo eky'Obwa-Minisita okuggyako Obwa-Katikkiro ekyereere nga kino tekizze lwa Ministry yonna okumala omulimu, Speaker anaalaganga mangu nga bwe kinaabanga kiyinzika olunaku amannya g'abasanidde okulya ekifo ekyo lwe ganaakomanga okumuweebwa.

(b) Buli muntu yenna ne bw'ataabenga memba wa Lukiiko anaayinzanga okutekebwa mu abo ab'okulondamu ow'okulya ekifo ekyo ekyereere, nga Katikkiro y'aleese erinnya lye oba nga lireeteddwa bammemba b'Olukiiko abatakka wansi wa basatu.

(c) Amannya ganaaweebwanga Speaker mu buwandiike ng'omuntu oba abantu abagaleeta bataddeko omukono, nga Speaker gamuwebwa ku lunaku lwe yassaawo okulonderako oba nga terunnatuuka:

Naye kyokka teaabenga muntu aleeta linnya lisukka limu.

(d) Speaker anaawandiikanga olukalala lw'amannya g'abantu agaleeteddwa mu ngeri entuufu okulondebwa okujjuza ekifo ekyo ekyereere, kopi zaago n'aziwa ab'Olukiiko, naye amannya g'abantu Speaker g'awandiise ku lukalala bwe ganaasukkanga ku g'abantu bataano, Olukiiko, ku lunaku olw'okusatu (nga tobaze lwa Ssande) okuva Speaker kopi lwe yaziwa ab'Olukiiko oba ku lunaku olulala Speaker lw'anaabanga alabye, lunaalondanga nga lukuba akalulu mu kyama abantu bataano abasaanye okujjuza ekifo ekyo nga lubaggya mu mannya ago Speaker ge yawandiika ku lukalala.

(e) Katikkiro anaalondanga omuntu ow'okuwebwa ekifo ekyo ekyereere ng'amuggya mu abo abawandiikibwa mu lukalala lw'abantu abasaanidde okujjuza ekifo ekyo (oba, olukalala bwe lunaabangako amannya g'abantu abasukka abataano, ng'amuggya mu abo Olukiiko be lulonze nga be basaanidde okujjuza ekifo ekyo ekyereere) erinnya lye n'alyanjulira Gavana akakasibwe okuwebwa ekifo ekyo.

(f) Gavana bw'ataakakasenga linnya lya muntu alonedddwa okuwebwa ekifo ekyereere Katikkiro anaalondangayo omuntu omulala mu ngeri etegezeddwa mu katundu (e) ak'akatundu kano, era erinnya lye n'alyanjulira Gavana amukakase okuwebwa ekifo ekyo.

(g) Gavana bw'anaamalanga okukakasa erinnya ly'omuntu alonedddwa mu ngeri etereddawo waggulu mu katundu kano, Katikkiro anaayanjuliranga Kabaka erinnya ly'omuntu oyo era Kabaka omuntu oyo anaamuwanga obwami obwo omuntu oyo ne yeeyanza ng'empisa bw'eri.

Ministry
oku-
giggyamu
obwesige.

16. (1) Ekigambo eky'okuteesaako Speaker ky'anaabanga ategeezezza nga bwe kiri mu katundu (3) ak'Ekitundu kino nti kye ky'okuteesaako okuggya obwesige mu Lukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita olw'ensonga enkulu, bwe kinaakubwangako akalulu omuwendo gw'abakisemba ne gutakka wansi kusinga bibiri bya kusatu ebya bammemba b'Olukiiko bonna, Ministry, ng'eyita mu Speaker, eneetegezanga Kabaka nga bw'emala omulimu.

(2) Bammemba b'Olukiiko banaategezebwanga Speaker ng'ekyasigaddeyo ennaku 14 eky'okuteesaako eky'okuggyamu Ministry obwesige kiteesebweko.

(3) Speaker bw'anaalowozanga ng'eky'okuteesaako kyonna (ng'oga-sseeko n'ekyo ekinaabanga kikyusiddwamu) ekisembeddwa bammemba b'Olukiiko abatakka wansi wa 20 kye kirowoozo eky'okuteesaako eky'okuggya obwesige mu Ministry olw'ensonga enkulu, anaategeezanga ng'eky'okuteesaako ekyo kya kuggya bwesige mu Ministry era n'okutegeeza kwe bw'atyoka kunaamalanga.

Kyokka eky'okuteesaako ekireeteddwa bammemba b'Olukiiko abatakka wansi wa 40 nga kitegereza ddala Ministry bwe batagirinamu bwesige, ekyo kinaabalibwanga mu kitundu kino nga kye ky'okuteesaako eky'okuggyamu Ministry obwesige olw'ensonga enkulu era Speaker anaategeezanga bw'atyoka.

17. (1) Obwa-Minisita bunaasigalanga bwereere—

(a) Minisita bw'anaamalanga omulimu ng'atadde omukono ku bbaluwa etegeza bw'amala omulimu, gy'awandiikidde Kabaka ng'eyita mu Speaker; oba

(b) Ministry yonna bw'eneemalanga omulimu ng'ekkirizibwa Kabaka; oba

(c) omulimu gwa Minisita bwe gunaakomezebwanga ng'Ekitundu 18 oba ekitundu 19 eby'Entegeka y'Obufuzi eno kigamba.

(2) Obwakatikkiro abubaddeko olunaabuvangako Ddamula n'azzi-bwayo eri Kabaka amangu ago ng'empisa eya bulijjo bw'eri.

(3) Bwe wanaabangawo Obwa-Minisita obwereere, emirimu gya Minisita mu kiseera ekyo ekifo we kinaabeereranga ekyereere, ginaakolebwanga mu ngeri Ba-Minisita abasigaddewo gye banaabanga bateesezza.

Kyokka Obwa-Minisita bwonna bwe bunaabanga obwereere, emirimu gya buli Minisita (egitali egyo gy'akola nga Memba w'Olukiiko) mu kiseera ebifo ebyogeddwaako we binaabeereranga ekyereere, ginaakolebwanga Permanent Secretary owa Minisita oyo.

18. (1) Kabaka anaggyanga omuntu ku Bwa-Minisita omuntu oyo ng'abadde asaliddwa omusango ogw'ekibonerezo ne gumusinga n'asalirwa okusibwa mu kkomera awatali kulondawo kuwa mutango.

(2) Minisita bw'anaasalirwanga omusango ogw'ekibonerezo ne gumusinga naye n'atasalirwa kusibwa mu kkomera watali kulondawo kuwa mutango, kyokka Kabaka mu kulowooza kwe n'alaba ng'omusango omuntu oyo gw'azzizza guyinza okuba ogw'obuwemu, Kabaka anassangawo akakiiko akalimu b'anaalowoozanga nga be basaanidde okwetegereza engeri yennyini ey'omusango ogwo; akakiiko bwe kanaalabiranga ddala ng'omusango Minisita gwe yazza gwa buwemu kanaategeezanga Kabaka, awo Kabaka n'agoba omuntu oyo ku Bwa-Minisita.

Okubeera
ku bwa
Minisita.

Okukomya
Obwa-
Minisita
bwomuntu
olw'ebikolwa
ebitali
bituufu oba
olw'obuta-
sobola
mulimu.

(3) Kabaka bw'anaalabanga nga Minisita ayinza okuba nga takyasobola kutuusa mirimu gye nga Minisita olw'obulwadde oba olw'obutakyategeera bulungi, anassangawo akakiiko nga kalimu abantu b'anaalowoozanga nga be basaanidde keetegereze ekigambo ekyo; akakiiko bwe kanaalabiranga ddala nga Minisita takyasobola kutuusa mirimu gye nga Minisita olw'obulwadde oba olw'obutakyategeera bulungi kanaategeezanga Kabaka, awo Kabaka n'aggya omuntu oyo ku Bwa-Minisita.

Okuggya omuntu ku bwa Minisita olw'omuntu oyo okulemwa okutuukiriza enkola Ministry gye yassawo okukolerako.

19. (1) Katikkiro bw'anaalabanga nga Minisita alemeddwa emirundi mingi okugoberera enkola oba ebinaabanga biteeseddwa Ministry oba bw'anaalemwanga okukola ekigambo ekikulu, Katikkiro anaayitanga Ba-Minisita banne n'abategeeza nga bw'alowooza nti Minisita oyo yandisaanye okugobebwa.

(2) Ekirowoozo kya Katikkiro Ba-Minisita banaakikubangako akalulu, abasinga obungi bwe banaakisiimanga, Katikkiro anaase-mbanga eri Kabaka omuntu oyo okumuggya ku Bwa-Minisita era Kabaka anaggyanga omuntu oyo ku Bwa-Minisita nga bwe kisémbeddwa.

(3) Buli Minisita, ng'oggyeko oyo ayanjuddwa okugobebwa, anaayinzanga okukuba akalulu ku kirowoozo ekyo ekireeteddwa, obululu bwe bunenkanankananga Katikkiro anaayinzanga okukozesa akalulu ak'ensusso.

Ba-Permanent Secretary ba Ba-Minista.

20. (1) Buli Minisita anaabanga ne Permanent Secretary.

(2) Permanent Secretary wa Katikkiro y'anaabeeranga Omukulu wa Civil Service ya Buganda.

Olukiiko nga bwe lunaabeeranga.

21. (1) Olukiiko lunaabeeranga ng'Ekitundu 5 eky'Endagaano ya Buganda, 1955, bwe kigamba mu ngeri eyatekebawo mu Tteeka Ery'Olukiko Olukulu (Ery'okuloonda Ababaka) 1953, naye ng'ekyo tekiggyawo bitekeddwawo mu Kitundu kino.

(2) Gavumenti ya Buganda eneeyinzanga okussaawo etteeka erirongoosa Ekitundu ekyogeddawo oba etteeka eryogeddawo waggulu, oba okussaawo engeri endala mu kifo ky'ebyo, era, okutwalira awamu, n'okussaawo amateeka ku bigambo byonna ebifa ku ngeri Olukiiko gye lunaabeerangamu.

(3) Newandibadde Etteeka Ery'Olukiko Olukulu (Ery'okuloonda Ababaka) 1953 likyaliwo, Olukiiko olulisangibwawo ng'Entegeka y'Obufuzi eno etandika lulikomezebwa ku lwa 31 December, 1958, okuva olwo Olukiiko olunnassibwangawo mu Ntegeka y'Obufuzi eno lunaakomezebwa ku lwa 31 olw'omwezi December ogwa buli

mwaka gwa kutaano; n'olw'ekyo ebyogerwa mu Kitundu 5 eky'Etteeka eryogeddwa biteekwa okutegeerwa nga bikusiddwa mu ngeri eno.

22. (1) Olukiiko bwe lunaatuulanga omulundi ogusooka okuva olubaddewo lwe lunaabanga lukomezeddwa, bammemba abanaabangawo, nga tebannakola kigambo kirala kyonna, banaalondanga Speaker w'Olukiiko n'Omumyuka wa Speaker waalwo.

Speaker
n'Omumyuka
wa
Speaker.

(2) Buli mulundi ekifo kya Speaker oba eky'Omumyuka wa Speaker lwe kinaabanga ekyereere nga tekisinzidde ku nsonga ya kukomya Lukiiko, bammemba b'Olukiiko, amangu nga bwe kinaasobokanga, banaalondanga omuntu ow'okujjuza ekifo ekyo.

(3) Omuntu anaayinzanga okulondebwa okubeera Speaker ne bw'ataabeerenga memba wa Lukiiko:

Kyokka tewali anaalondebwanga kuba Speaker wabula nga yali abaddeko memba w'Olukiiko okumala emyaka egitakka wansi w'etaano.

(4) Tewali muntu anaalondebwanga kubeera Mumyuka wa Speaker wabula nga memba wa Lukiiko era nga ye muntu eyandibadde ayinza okulondebwa okubeera Speaker.

(5) Speaker anaafunanga empeera eneebanga emugerekeddwa etteeka lya Buganda.

(6) Obwa-Speaker n'Obumyuka bwa Speaker bunaasigalanga bwereere:—

(a) Olukiiko bwe lunaakomezebawanga; oba

(b) Speaker oba Omumyuka wa Speaker bw'anaamalanga omulimu ng'assizza omukono ku bbaluwa etegeza Katikkiro; oba

(c) Ku kifo ky'Omumyuka wa Speaker, singa anaakomanga okubeera memba w'Olukiiko olw'ensonga eteri ya Lukiiko kukomezebwa; oba

(d) Olukiiko bwe lunaayisanga ekiteeso eky'okukomya omulimu gw'omuntu oyo nga kisinziira ku ky'okuteesaako ekireteddwa bammemba b'Olukiiko abatakka wansi wa makumi abiri era ng'abo abakisembye mu kalulu tebakka wansi wa bitundu bibiri bya kusatu ebya bammemba b'Olukiiko bonna.

23. Olukiiko bwe lunaabanga lutudde abanaakubirizanga be bano:

Abanaaku-
birizanga
Olukiiko.

(a) Speaker;

(b) Speaker nga tabaddewo, Omumyuka wa Speaker;

(c) Nga Speaker n'Omumyuka wa Speaker tebaliwo, omuntu omulala Olukiiko gwe lunaalondanga mu bammemba baalwo.

Ebiragiro
ebifuga
Olukiiko.

24. Okusenziira ku bigambo ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi eno era n'ebyo ebiri mu Ndagaano za Buganda, Olukiiko lunaayinzanga okuteekawo Ebiragiro ebinaafuganga okuteesa kwalwo obulungi era n'engeri gye lunaayisangamu amateeka ga Buganda:

Kyokka tewali Biragiro bya ngeri eyo binaakolanga wabula nga bimaze okukakasibwa Gavana.

Ensala y'ebi-
gambo mu
Lukiiko.

25. (1) Okuggyako bwe kyogeddwa obulala mu Ntegeka y'Obufuzi eno—

(a) ebigambo byonna ebinaaleetebwanga okusalibwa mu Lukiiko binaasalibwanga mu kalulu ka bammemba abaliwo era abasinga obungi ku abo abakubye akalulu:

Kyokka Speaker wadde Omumyuka wa Speaker, wadde memba w'Olukiiko yenna, bw'anaabeeranga nga ye Mukubiriza, taakubenga kalulu era taatesenga;

(b) Obululu bwe bunenkananga ku kigambo kyonna, ekirowoozo eky'okuteesaako ekyo kinaabanga kigaaniddwa.

(2) Tewaabeeranga kigambo kikolebwa kyonna mu Lukiiko, okuggyako bammemba okwabuka, omuwendo gwa bammemba abaliwo (ng'oggyeko Speaker, oba omuntu omulala omukubiriza) bwe gutaaweranga ana mu bataano.

Obuyinza
bw'okuteeka
amateeka.

26. (1) Okusenziira ku bigambo ebiri mu Ntegeka y'Obufuzi eno era n'ebyo ebiri mu Ndagaano za Buganda, Kabaka, ng'aweereddwa Olukiiko amagezi n'okukkiriza kwalwo, anaayinzanga okuteekawo amateeka aganaafuganga aba-Africa mu Buganda.

Kyokka tewali tteeka Kabaka ly'anaateekanga wabula ng'obubage bw'etteeka eryo bumaze okukkirizibwa Gavana.

(2) Etteeka ebbage bwe linaamalanga okuyisibwa Olukiiko nga lugoberera Ebiragiro ebifuga okuteesa ebiri mu Kitundu ekya 24 eky'Entegeka y'Obufuzi eno era nga limaze okukkirizibwa Gavana, Katikkiro anaalyanjuliranga Kabaka, Kabaka n'alissaako omukono okulaga nti alikakasizza, olwo etteeka ebbage ne lifuuka eteeka lyennyini.

(3) Etteeka erinaatekebawanga okusenziira mu Kitundu kino linaalagibwanga mu Uganda Gazette, era linaatandikanga okukola ku lunaku lwe lifulumizibwa mu Uganda Gazette oba ku lunaku olulala lwonna olunaabanga lulagiddwa mu Tteeka eryo.

(4) Amateeka agakolebwa olw'obufuzi obwa Uganda Protectorate yonna, ganaakwatanga kye kimu ku Buganda, wabula bwe ganaabeerangamu ebyawukana n'ebyo ebiri mu Ndagaano za Buganda, olwo ebigambo by'Endagaano za Buganda binaateekanga Buganda mu kifo eky'enjawulo amateeka ago ne gatagikwatako.

(5) Mu Kitundu kino ekigambo "Omu-Africa" kinaabeeranga n'amakulu ago nga bwe kinnyonnyolwa mu Tteeka lya Uganda Protectorate erinnyonnyola Amakulu g'ebigambo (Interpretation and General Clauses Ordinance), nga bwe linaabanga lirongoosebwa, oba mu Tteeka eddala lyonna erinaddanga mu kifo kyalyo.

27. (1) Ensimbi engereke eza buli mwaka eziyingira n'ezifuluma mu Gavumenti ya Kabaka, era ne Schedules ez'Ensimbi ezigenda zongerwa ku mitemwa eza buli myezi esatu zineetaaganga okukkiriza kwa Gavana.

Ebigambo
by'Ensimbi.

(2) Ebitabo by'Ensimbi ebya Gavumenti ya Kabaka binaakeberekwanga ba-ofisa b'Ekitongole kya Her Majesty Ekikebezi ky'ebitabo mu Matwale (Her Majesty's Overseas Audit Service).

(3) Ensimbi (grants) Protectorate Government, z'eneegabanga oba z'eneewolanga eri Gavumenti ya Kabaka, olw'okukozesebwa ku bintu ebyawufu, zinaakozesebwanga mu ngeri Gavana gy'anakkirizanga.

28. (1) Minisita bw'anaaletanga ekigambo eky'okuteesaako ekikwata ku Ngereka y'Ensimbi eza Gavumenti ya Kabaka eziyingira n'ezifuluma ez'omwaka, oba ekikwata ku Schedules ez'ensimbi ez'okwongerwako, oba ekikwata ku kussaawo omutemwa gw'Ensimbi olw'ensonga yonna, singa Olukiiko lugaanyi okuyisa eky'okuteesa ekyo, Katikkiro anaayinzanga okutegeeza Speaker ng'ekikolwa eky'okugaana ekyo bw'ajja okukiyita eky'okuggyamu obwesige mu Ministry.

Enkola enja-
wufu ku Bi-
teeso ebi-
kwata ku
Nsimbi.

(2) Oluvannyuma lw'ennaku kkumi na nnya era obutasinga nnaku abiri mu munaana nga Speaker amaze okutegeezebwa, okugoberera ebyo ebiri mu katundu (1) ak'Ekitundu kino Minisita anaayinzanga okukomyawo eky'okuteesa ekyo (mu Lukiiko) nga bwe yakireeta okusooka oba ng'akirongoosezzaamu.

(3) Singa eky'okuteesa ekyo ekikomezeddwawo era kigaanibwa bammemba b'Olukiiko abawera bibiri bya kusatu oba okusingawo ku muwendo gwonna ogwa bammemba b'Olukiiko, olwo Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita lunaabalibwanga nti luggiddwamu obwesige, era Ministry eneewandiikanga ebbaluwa emala omulimu nga bwe kiri mu Kitundu 7 eky'Entegeka y'Obufuzi eno, naye bwe kitaabenga bwe kityo Olukiiko lunaabalibwanga nga lukikirizza eky'okuteesako ekyo.

(4) Mu kitundu kino ebigambo "kigaaniddwa Olukiiko" kye kimu n'okugamba nti tekiyisibbwa Lukiiko watali kukirongoosamu, oba nti kiyisibbwa Olukiiko nga kirongoosebbwamu mu ngeri Ministry gy'etesiima.

29. (1) Olukiiko lunaayinzanga okuteekawo obukiiko obw'olubeerera oba obukiiko obw'ekiseera okukola ku nsonga yonna, nga buliko bammemba b'Olukiiko.

Obukiiko
bw'Olukiiko.

(2) Olukiiko lunaateekangawo obukiiko obw'olubeerera ku buli kimu ku bigambo bino:—

(a) Eby'Ensimbi.

(b) Eby'Emirimu (Public Works).

(c) Eby'Enjigiriza.

(d) Eby'Obulamu.

(e) Eby'Obulimi n'Obulunzi (Natural Resources).

(f) Eby'Enfuga ey'omu bitundu (Local Government) n'Eby'Okukuza embeera z'abantu (Community Development). Kyokka Olukiiko lunaayinzanga nga luyisa ekiteeso okwongera oba okukendeza ku bigambo ebyo ebimenyedwa mu katundu kano.

(3) Buli kakiiko ak'olubeerera akateekeddawo mu katundu (2) ak'ekitundu kino kanaakulirwanga Minisita akola ku kigambo ekyo akakiiko kye katereddawo, era omulimu gwako gunaabeeranga okwekkaanya ebigambo ebifa ku kigambo ekyo n'okubiweerako Minisita amagezi.

(4) Olw'okusobozesa akakiiko okukola obulungi Permanent Secretary wa Minisita akulira akakiiko era n'abantu abalala bonna abeetaagibwa akakiiko akatereddawo mu katundu (2) ak'ekitundu kino, banaayinzanga okukatuulamu era n'okuteesa, kyokka tebaakubenga kalulu.

(5) Tewali ku ebyo ebyogeddawo mu kitundu kino ebinaakwatanga ku Kakiiko Ak'olubeerera (Standing Committee) ak'Olukiiko akaliwo mu kiseera kino Entegeka y'Obufuzi eno w'etandikidde okukola.

Akakiiko ka
Buganda
Akalonda
Abaami

30. (1) Wajja kutekebawo akakiiko akayitibwa Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi (Buganda Appointments Board) (mu Kitundu kino kyonna akayitiddwa Akakiiko Akalonda) akanaabeerangamu bano:

(a) Omukulu w'Akakiiko (Chairman) anaalondebwanga Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Gavana; ne

(b) Permanent Secretary wa Katikkiro olw'omulimu gwe, anaabeeranga Omumyuka w'Omukulu w'Akakiiko;

(c) n'abantu abalala basatu, abanaakakasibwanga Kabaka nga basembeddwa Ministry awamu n'okukkiriza kwa Gavana.

(2) Ministry eneesembanga abantu b'emanyi nga balina obumanyirivu mu bigambo by' obufuzi (public affairs) bakabasibwe okubeera bammemba b'Akakiiko kano, kyokka mu kiseera we banaalonderwanga banaabeeranga tebeegasse mu by'obufuzi (politics).

(3) Ekifo ky'omuntu aloneddwa okubeera memba ku Kakiiko kano nga bwe kiri mu katundu (a) oba (c) ak'akatundu (1) ak'ekitundu kino, kinaaberanga kyereere, singa:—

(a) Ku Mukulu w'Akakiiko, emyaka musanvu giweddeko okuva ku lunaku lwe yalonderwako; oba

(b) ku memba w'Akakiiko atali Mukulu waako, emyaka etaano giweddeko okuva ku lunaku lwe yalonderwako; oba

(c) singa amala yekka; oba

(d) singa aggyibwako nga bwe kiri mu katundu (4) ak'ekitundu kino.

(4) (a) Kabaka anaggyanga omuntu ku bwammemba bw'Akakiiko Akalonda, omuntu oyo ng'abadde asaliddwa omusango ogw'ekibonerezo ne gumusinga n'asalibwa okusibwa mu kkomera awatali kulondawo kuwa mutango.

(b) Memba w'Akakiiko bw'anaasalirwanga omusango ogw'ekibonerezo ne gumusinga, naye n'atasalibwa kusibwa mu kkomera awatali kulondawo okuva omutango, kyokka Kabaka mu kulowooza kwe n'alaba ng'omusango omuntu oyo gw'azzizza guyinza okuba ogw'obuwemu, Kabaka anassangawo akakiiko akalimu b'anaalowoozanga nga be basaanidde, okwetegereza engeri yennyini ey'omusango ogwo; akakiiko bwe kanaalabiranga ddala ng'omusango memba oyo gwe yazza gwa buwemu kanaategeezanga Kabaka, awo Kabaka n'agoba omuntu oyo ku bwammemba bw'Akakiiko Akalonda.

(c) Kabaka bw'anaalabanga nga memba w'Akakiiko Akalonda ayinza okuba nga takyasobola kutuusa mirimu gye nga memba w'Akakiiko ako, olw'obulwadde oba olw'obutakyategeera bulungi, anassangawo akakiiko nga kalimu abantu b'anaalowoozanga nga be basaanidde keetegereze ekigambo ekyo; akakiiko bwe kanaalabiranga ddala nga memba oyo takyasobola kutuusa mirimu gye nga memba w'Akakiiko olw'obulwadde oba olw'obutakyategeera bulungi, kanaategeezanga Kabaka, awo Kabaka n'aggya omuntu oyo ku bwammemba bw'Akakiiko Akalonda.

31. (1) (a) Obwami bwa Permanent Secretary wa Minisita, obwami Obw'Essaza, obwami obwa Ggombolola n'obw'Omuluka era n'obwami obulagiddwa mu Appendix B ey'Entegeka ey'Obufuzi eno bunaagabibwanga Kabaka, nga yeesigama ku ebyo ebiri mu Kitundu kino, nga busembeddwa Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi.

Ennonda ya
Baami mu
Gavumenti
ya Kabaka.

(b) Omuntu Akakiiko Akalonda gwe kanaasembanga okubeera Permanent Secretary wa Katikkiro, anaavanga mu abo bokka abaami ab'amasaza oba mu baami abali mu bifo ebikulu mu Gavumenti ya Kabaka.

(c) Tewali muntu anaalondebwanga mu bwami bwa Permanent Secretary wa Minisita wabula ng'akkirizibwa Gavana, era Gavana

taagaanenga kumukkiriza wabula ng'alabye nti waliwo ensonga eteri ya bulijjo emwetaagisa okugaana okukkiriza omuntu oyo.

(d) Kabaka anaagabanga obwami nga bwe kiri mu Kitundu kino nga buli gw'awadde obwami abweyanza nga bwe kyetaagibwa mu mpisa ezifa ku bwami obwo.

(2) (a) Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi nga keesigama ku ebyo ebiri mu Kitundu kino, kanaalondanga abaami n'abakozi bonna mu Gavumenti ya Kabaka, okuggyako abo abalondebwa Kabaka mu Katundu (1) ak'ekitundu kino.

(b) Mu katundu kano Obwa-Minisita, n'Obwa-Speaker w'Olukiiko, n'Obumyuka bwa-Speaker w'Olukiiko n'Obwammemba bw'Akakiiko Akalonda Abaami n'Abakozi tebuubalibwenga ng'obwami mu Gavumenti ya Kabaka.

(3) Okugaba obwami mu kitundu kino kunaagobereranga ebyo ebiri mu Biragiro ebifuga abakozi ba Gavumenti ya Kabaka mu Buganda (Buganda Staff Regulations).

(4) Ebyo ebiri mu Kitundu kino tebiikwatenga ku ba-ofisa abaa-zikiddwa Gavumenti ya Kabaka okuva mu Protectorate Government.

Ekiseera
eky'okubeera
mu mulimu
era n'enfugi-
bwa ya baa-
mi mu
Gavumenti
ya Kabaka.

32. (1) (a) Obwami bwa Permanent Secretary wa Minisita, n'Obwami bw'Essaza bunaabeeranga busigadde kifo kyereere—

(i) singa omuntu ali mu bwami obwo abumala ku lulwe ng'awandiikidde Kabaka ebbaluwa, ng'eyita mu Katikkiro, ng'agitaddeko omukono gwe;

(ii) ku Permanent Secretary wa Katikkiro, singa Kabaka amuggya ku mulimu ng'agoberera okusemba gwa Katikkiro, okusinziira ku bikolwa ebitasaana, oba obutatuusa mulimu bulungi oba ku bulwadde;

(iii) ku Permanent Secretary wa Minisita, (okuggyako Permanent Secretary wa Katikkiro), era ne ku Wessaza, singa Kabaka amuggya ku mulimu ng'agoberera okusemba kw'Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi, okusinziira ku bikolwa ebitasaana, oba obutatuusa mulimu bulungi oba ku bulwadde.

(b) Permanent Secretary wa Minisita taggyibwenga ku mulimu nga bwe kiri mu katundu (a) ak'akatundu kano, awatali kukkiriza kwa Gavana, era Gavana taagaanenga kukkiriza wabula ng'alabye nti waliwo ensonga eteri ya bulijjo emwetaagisa okugaana.

(2) Obwami mu Gavumenti ya Kabaka, obutali obwo obwogetddwako mu katundu (1) ak'ekitundu kino, bunaabeeranga busigadde bwereere:

(a) singa omuntu abulimu abumala ku lulwe,

(b) singa omuntu abulimu abuggyiddwako Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi, okusinziira ku bikolwa ebitasaana, oba obutatuusa mulimu bulungi oba ku bulwadde.

(3) Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi, okusi-nziira ku ebyo ebiri mu Kitundu kino, kanaavunaanyizibwanga okufuga abaami bonna n'abakozi aba Gavumenti ya Kabaka oku-ggyako Permanent Secretary wa Katikkiro.

(4) Obuyinza obuweereddwa Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi mu kitundu kino bunaakozesebwanga nga bugo-berera ebyo ebiri mu Biragiro ebifuga abakozi ba Gavumenti ya Kabaka (Buganda Staff Regulations).

(5) Ebyo ebiri mu Kitundu kino tebiikwatenga ku ba-ofisa abaazi-kibwa Gavumenti ya Kabaka okuva mu Protectorate Government.

(6) Mu Kitundu kino, ebifo by'Obwa-Minisita, n'Obwa-Speaker w'Olukiiko, n'Obumyuka bwa Speaker w'Olukiiko era ne by'Obwa-mmemba bw'Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi tebiibalibwanga ng'eby'obwami mu Gavumenti ya Kabaka.

33. (1) Olukiiko lwa Kabaka lwa Ba-Minisita, nga lumaze okwe-buuzaganya ne Gavana, lunaayinzanga okukola ebiragiro ebinaayiti-bwanga "Ebiragiro Ebifuga Abaami n'Abakozi aba Buganda" (Buganda Staff Regulations) ku nsonga zonna, oba ezimu, ezikwata ku bantu abali mu mulimu oba abaagala okuyingira mu mulimu gwa Gavumenti ya Kabaka, nga bino:

Ebiragiro
Ebifuga
Abaami
n'Abakozi.

(a) engeri Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi gye kanaakolangamu emirimu gyako;

(b) okukwasisa ebiragiro, (discipline);

(c) ebiragiro by'okulonda obwami (ng'ogattamu eby'okukuza n'okukyusa abaami oba abakozi), empeera, okuggya abaami oba abakozi ku mulimu, n'empummula ez'ebiseera ez'abaami n'abakozi;

(d) okuteekawo engeri ey'okuyimiriza abaami n'abakozi ku mirimu era n'empeera eneesasulwanga abayimirizibbwa mu ngeri eyo;

(e) okuteekawo enkola enegobererwanga ku kuwa ensako (allowances), okuwola ensimbi era n'ebigambo ebirala ebifuga omulimu;

(f) okuwa Akakiiko ka Buganda Akalonda Abaami n'Abakozi obuyinza okutikkira obuyinza bwako nga bwe kiri mu katundu (2) ak'ekitundu 31 n'akatundu (3) ak'ekitundu 32 eky'Entegeka y'Obu-fuzi eno nga bikwata ku baami n'abakozi abali mu mulimu gwa Gavumenti ya Kabaka nga bwe banaabanga bamenyedddwa mu biragiro; era

(g) n'ebigambo ebirala ebikwata ku nkola y'omu bitongole era n'emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'abaami n'abafuzi abalala nga

Ba-Minisita bwe banaalabanga enkola gye basaanidde okugoberera mu biragiro ebyo. Kyokka ebiragiro ebyogerwako mu katundu kano tebiikolenga okutuusa Gavana ng'amaze okubikkiriza.

(2) Ebiragiro Ebifuga Abaami n'Abakozi mu Gavumenti ya Kabaka nga bwe binaakwatanga ku buwulize binaayinzanga okubeeramu bino wammanga, kasita tebiikonaganenga n'ebyo ebiri mu katundu (1) ak'ekitundu kino:

(a) okugaana oba okuyimiriza ennyongeza ebbanga lyonna oba okumala ekiseera ekigere;

(b) Okuzza omufuzi wansi oba okukendeeza empeera olubeerera oba okumala ekiseera; era

(c) okusala ku mpeera olw'ebintu ebyonooneddwa okusinziira ku ebitali birungi oba ku kulagajalira omulimu.

(3) Ebiragiro ebifuga Abaami n'Abakozi mu Gavumenti ya Kabaka ebinaabeeranga biriwo buli kiseera binaabeeranga endagaano omuntu ali mu mulimu gwa Gavumenti ya Kabaka kw'aneesigamanga, wabula nga waliwo ekigambo ekiri mu biragiro ebyo byennyini oba endagaano endala emusumulula ku ebyo.

(4) Okuggyako nga Gavana bw'anakkiriziganyanga ne Gavumenti ya Kabaka, Ebiragiro ebifuga Abaami n'Abakozi mu Gavumenti ya Kabaka tebiikwatanga ku ba-ofisa abaazikibwa Gavumenti ya Kabaka okuva mu Protectorate Government.

Amasaza mu
Buganda.

34. (1) Mu by'Obufuzi, Buganda ejja kubaamu amasaza gano nga bwe gabadde: Kiagwe, Bugerere, Bulemezi, Buruli, Bugangadzi, Buyaga, Buwekula, Singo, Busuju, Gomba, Butambala, Kiadondo, Busiro, Mawokota, Buvuma, Sese, Buddu, Koki, Mawogola, Kabula era buli Ssaza nga libaamu amaggombolola era buli ggombolola ng'ebaamu emiruka.

(2) Wanaabangawo omwami omukulu owa buli Ssaza anaayitibwanga Owessaza era oyo anaatwalibwanga Katikkiro mu bufuzi obw'Essaza lye, mu kusolooza emisolo eginaateekwangawo Gavumenti ya Kabaka era n'okusolooza omusolo gw'emitwe kulwa Protectorate Government.

(3) Buli Ggombolola mu buli ssaza eneefugibwanga omwami anaayitibwanga Owaggombolola, era buli muluka mu buli ggombolola gunaafugibwanga omwami, anaayitibwanga Owoomuluka.

(4) Abaami Abaggombolola n'Abeemiruka banaayambanga abaami Abaamasaza mu kukola emirimu gyabwe emitongole.

(5) Gavana anaayinzanga okuwa ebiragiro eri Gavumenti ya Kabaka ku ngeri ng'abaami Abaamasaza gye banaakolangamu omulimu gwabwe ogukwata ku kukuuma amateeka n'eddembe ly'ensi.

35. (1) Resident wa Buganda anaabeeranga Omubaka wa Gavana mu kukolagana ne Gavumenti ya Kabaka.

Emirimu
gya Resident
ne Ba-ofisa
n'Abakozi
ba Protec-
torate
Govern-
ment mu
Buganda.

(2) (a) Emirimu gya Resident ginaabeeranga—

(i) okuwa amagezi n'okuyamba Gavumenti ya Kabaka mu kukola emirimu gyayo;

(ii) okutegeezanga Gavumenti ya Kabaka, enkola (policy) ya Protectorate Government;

(iii) okunnonnyolanga Protectorate Government ebirowoozo bya Gavumenti ya Kabaka era n'ebigambo ebikulu ebibeerawo mu Buganda.

(b) Resident, mu kukola emirimu gye egyogerwako mu kitundu kino, anaayambibwanga abakozi (Staff) omuli ba-ofisa n'abakozi ba Protectorate Government nga Gavana bw'anaalabanga kisaanidde.

(3) Emirimu gya ba-ofisa n'abakozi ba Protectorate Government abali mu Buganda, okuggyako Resident n'abakozi be (Staff) ne ba-ofisa abaazikiddwa Gavumenti ya Kabaka, mu kukolagana ne Gavumenti ya Kabaka ginaabeeranga kuwa magezi n'okuyamba Gavumenti ya Kabaka n'abaami n'abakozi baayo mu mirimu egyo egy'e-bitongole (departmental activities) ba-ofisa n'abakozi abo aba Protectorate Government gye balinako obvunaanyizibwa.

36. (1) Obufuzi obw'omu bitundu (local government) obw'omu buli Ssaza bunaakuzibwanga mu ngeri ng'eyo enekiriziganyizibwangako wakati wa Gavana ne Gavumenti ya Kabaka.

Obufuzi
obw'omu
bitundu.

(2) Okuggyako nga bwe kinaabanga kikiriziganyizibwa mu ngeri endala nga bwe kiri mu katundu (1) ak'ekitundu kino, Resident n'abakozi be (staff) banaawanga amagezi n'okuyamba abaami Abaamasaza, era nga bayita mu baami abo, okuyamba enkiiko ez'omu bitundu (local councils) mu kukuza obufuzi bwazo obw'ebitundu ebyo (local government).

37. Protectorate Government ng'eyita mu ba-ofisa abakola ku mirimu egyo eneebanga n'obuyinza okukebera—

Okukebera
Emirimu.

(a) emirimu egyo egikolebwa Gavumenti ya Kabaka ba-ofisa ba Protectorate gye babadde bakebera okutuusa kaakati; era

(b) n'emirimu egyo egiddizibwa Gavumenti ya Kabaka nga bwe kiri mu kitundu ekyo 38 eky'Entegeka y'Obufuzi eno.

38. (1) Gavumenti ya Kabaka eneetwala obuvunaanyizibwa mu Buganda ku kufuga emirimu egibadde gifugibwa Protectorate Government, egiragiddwa mu "Appendix A" ey'Entegeka ey'Obufuzi eno (mu kitundu kino egiyitibwa "emirimu egiddizibwa") amangu ng'enteekateeka esaanidde ewedde ey'okwazika ba-ofisa n'abakozi abee-

Emirimu
egiddizibwa
Gavumenti
ya Kabaka.

taagibwa okuva mu Protectorate Government, nga kigoberera ebyo ebiri mu katundu (4) ak'ekitundu kino.

(2) Gavumenti ya Kabaka eneefuganga emirimu egiddizibwa ng'egoberera amateeka agafuga emirimu egyo, era ng'egoberera enkola (policy) enebanga egobererwa eya Protectorate Government.

(3) Gavana ng'amaze okukkiriziganya ne Gavumenti ya Kabaka anaayinzanga okukyusa ku ebyo ebiri mu Appendix A ey'Entegeka y'Obufuzi eno, ng'ateeka omukono ku kiragiyo.

(4) (a) Gavana ng'amaze okukkiriziganya ne Gavumenti ya Kabaka, ba-ofisa n'abakozi ba Protectorate Government abaliba beetaagibwa balyazikibwa Gavumenti ya Kabaka, mu ngeri erikkiriziganyizibwako, olw'okuyamba mu kukola emirimu egiddizibwa:

Kyokka tewali ofisa oba omukozi alyazikibwa nga takkirizza mu buwandiike.

(b) Ba-ofisa abaazikiddwa Gavumenti ya Kabaka okuva mu Protectorate Government banaayinzanga okulondebwa okubeera ba-Permanent Secretary ba Ba-Minisita abanaabeeranga bafuga emirimu egiddizibwa.

Enkola eneegobererwanga nga wabaddewo obutakkiriziganya wakati wa Protectorate Government ne Gavumenti ya Kabaka.

Gavana anaayinzanga okuggisako Ministry.

39. Bwe wanaabeerangawo obutakkiriziganya wakati wa Protectorate Government ne Gavumenti ya Kabaka, era ng'okuteesaganya kw'ababaka ba Gavumenti zombi kulemeddwa okumalawo obutakkiriziganya obwo, era Gavana bw'anaalabanga ng'ekigambo ekiriko obutakkiriziganya kyonoona emirembe oba embeera ennungi oba enfuga ennungi ebya Uganda Protectorate, Gavana anaawanga Ba-Minisita amagezi amatongole ku nsonga eyo.

40. Singa Ba-Minisita, bagaana okugoberera amagezi amatongole agabaweereddwa Gavana, nga bwe kiri mu Kitundu 39 eky'Entegeka y'Obufuzi eno, Gavana anaayinzanga okutegeeza Speaker nga bw'ayagala Olukiiko lwa Kabaka olwa Ba-Minisita okumala omulimu, era Speaker bw'anaategeezebwa bw'atyo, anaategeeza Kabaka mangu ago, awamu n'Olukiiko ne Katikkiro; awo Ministry n'eryoka esaba Kabaka okumala omulimu ng'eyita mu Speaker, nga Katikkiro amaze okutegeezebwa bw'atyo.

Okukomezebwa kw'Endagaano ey'Ekiseera.

41. Entegeka y'Obufuzi eya Buganda eri mu Schedule ey'Oluberye-berye ey'Endagaano (ey'Ekiseera), eya Buganda, 1955 (mu biddirira eyitiddwa "Entegeka y'Obufuzi ey'Ekiseera") erikoma okukola okuva Entegeka y'Obufuzi eno lw'eritandika okukola:

Kyokka: Obweyamo obuliba buweereddwa okusinziira mu Kitundu 41 eky'Endagaano ey'Ekiseera bugenda kubalibwa ng'obuweereddwa

okusinziira mu katundu (1) ak'Ekitundu 5 eky'Entegeka y'Obufuzi eno era n'ebyo ebiri mu Kitundu eky'okutaano birikwata ku bweyamo obwo mu ngeri y'emu;

Era okulonda kwonna okulibeerawo mu ngeri ey'amateeka okusinziira mu Ntegeka y'Obufuzi ey'Ekiseera kunaabalibwanga nga kukoledwa okusinziira mu Ntegeka y'Obufuzi eno;

Era Kabaka agenda kukakasa n'okuwa Obwa-Minisita eri Ba-Minisita abo abatali bakakase abaalondebwa okusinziira mu Ntegeka y'Obufuzi ey'Ekiseera mu ngeri eyatekebawo nga bwe kiri mu Kitundu 13 eky'Entegeka y'Obufuzi eno.

APPENDIX A EYA SCHEDULE EY'OLUBERYEBERYE.

- (a) Amasomero ga Primary ne Junior Secondary;
 - (b) Amalwaliro ag'omu byalo (rural hospitals, dispensaries, sub-dispensaries, aid-posts) era n'entegeka y'eby'obulamu mu byalo;
 - (c) Emirimu egitwala mu maaso obulimi n'okuziyiza okukulukuta kw'ettaka;
 - (d) Emirimu egitwala mu maaso obulunzi era n'okuziyiza obulwaddde bw'ebisolo;
 - (e) Enfuga ez'omu bitundu ez'omu masaza (Local Government);
 - (f) Emirimu egikuza embeera z'abantu (Community Development).
- (Kasita emirimu gino ginaakolebwanga nga ne Protectorate Government ekola egyayo).

APPENDIX B EYA SCHEDULE EY'OLUBERYEBERYE.

Ababeezi ba Ba-Minista;
Lukiiko Land Officer;
Omuwandiisi Omukulu ow'Oluikiiko;
Omuwandiisi wa Ssaabasajja Kabaka;
Omukulu w'Oluwalo;
Ababeezi b'Omukulu w'Oluwalo;
Omukulu w'Olubiri;
Omukulu w'Ekkomera;
Ababeezi ba Baamasaza;
Ba-Legal Assistants ba Baamasaza n'ab'abaamaggombolola.

SCHEDULE EY'OKUBIRI.

EBIRAGIRO EBINAAFUGANGA ENNONDA Y'ABANTU AB'OKUSEMBA ERI
GAVANA OLW'OKULONDEBWA OKUBEERA ABABAKA ABABA MU BUGANDA
OKUTUULA MU LEGISLATIVE COUNCIL YA PROTECTORATE YA UGANDA.

1. Ebiragiro bino binaayitibwanga Ebiragiro bya Buganda (Eby'Ennonda y'Ababaka ab'okutuula mu Legislative Council).
2. Mu Biragiro bino ekigambo kyonna ekiragiddwa okukolebwa omwami kinaayinzanga okukolebwa omusigire we, omwami bw'anaa-beeranga nga tasobodde kukikola ye yennyini, olw'ensonga y'obulwa-dde oba olw'ensonga endala yonna entuufu.
3. Mu Biragiro bino olunaku olunaabanga lulagiddwa okukolerako ekintu kyonna bwe lunaabeeranga olwa Ssande oba olw'okuwummula, ekyo ekiragiddwa okukolerwa ku lunaku olwo kinaayinzanga okukolerwa ku lunaku olukolerwako oluudirira.
4. Mu Biragiro bino ebigambo Etteeka Ery'Okulonda bifa ku Ttee-ka Ery'Olukiko Olukulu (Ery'Okuloonda Ababaka) 1953 nga bwe linaagendanga lirongoosebhamu mu biseera ebitali bimu.
5. Buli lwe wanaabeerangawo okwetaaga Omubaka oba Ababaka okukiikirira Buganda mu Legislative Council ya Protectorate, Gavana anaawandiikiranga Katikkiro okumusaba okumuweereza amannya g'abantu ab'okutuula mu Lukiiko olwo, era Katikkiro anaawangayo amannya g'abantu abanaabanga bamaze okulondebwa Ekibiina Eki-ronzi, ng'Ebiragiro bino bwe biri.

6. (1) Wajja kussibwawo ekibiina ky'ababaka eky'okulonda Ababaka ba Buganda (mu Biragiro bino ekinaayitibwa Ekibiina Ekironzi), ekinaabeerangamu ababaka basatu ab'okuva mu buli Ssaza mu Buganda abaloneddwa ng'Ebiragiro bino bwe bigamba.

(2) Okulondebwa kw'ababaka ab'okubeera mu Kibiina Ekironzi kujja kubecrawo mangu ago ng'Ebiragiro bino kyebijje bitandike okukola ng'enteekateeka eyeetaagibwa ewedde.

(3) Omu ku babaka abali mu Kibiina Ekironzi bw'anaafanga oba bw'anaakomanga okubeera omubaka mu Kibiina ekyo, olwo Katikkiro anaasabanga Essaza eryamulonda okulonda omubaka omulala okujjuza ekifo ekyereere mu ngeri y'emu nga bwe lyalonda oli eyasooka.

7. Ababaka abasatu ab'okuva mu buli Ssaza bajjanga kulondebwa okubeera bammemba b'Ekibiina Ekironzi nga balondebwa abava mu buli muluka abanaabanga baloneddwa olw'ensonga eyo nga bagoberera engeri y'enteekateeka eri mu Biragiro bino.

8. (1) Buli lwe wanaabeerangawo okwetaaga okulonda Ekibiina Ekironzi okulonda kunaabeeranga mu buli muluka (aba aloneddwa ajjanga kumanyibwanga ng'Omubaka w'Omuluka ogwo).

(2) Ababaka b'emiruka abaloneddwa mu ngeri eyo banaakungananga ne balyoka balonda abantu basatu abanaabakiikirira mu Kibiina Ekironzi nga bagoberera ennonda eri mu Biragiro bino.

9. Buli muntu akkirizibwa okukuba akalulu mu kulonda kw'oku muluka mu Tteeka Ery'Okulonda anakirizibwanga okukuba akalulu mu kulonda okw'omu muluka okuli mu Biragiro bino.

10. Ekitabo ky'abakubi b'obululu (Register) ekiriwo ekikumibwa nga bwe kiri mu Kitundu 9 eky'Etteeka Ery'Okulonda kijja kukozebwanga ne mu nnonda y'Ababaka bano.

11. Amangu nga Katikkiro kyajje alangirire nga bwe kyetaagibwa okulonda ababaka ab'okutuula mu Kibiina Ekironzi buli mwami owo omuluka anaategeezanga buli mukubi w'akalulu ali mu muluka gwe nti olukungaana lw'abakubi ba kalulu lujja kubecrawo mu Kitawulizi ku lunaku Katikkiro lw'anaabanga alaze olw'okulonderako ababaka b'oku miruka.

12. Omuntu yenna eyali akkirizibwa okulondebwa okubeera Omubaka w'Omuluka okusinziira mu Tteeka Ery'Okulonda ku lulonda olwayita anaayinzanga okulondebwa okubeera Omubaka w'Omuluka okusinziira mu Biragiro bino.

13. (1) Ku lunaku Katikkiro lw'anaabanga alaze olw'okulonderako ababaka b'oku miruka omwami owoomuluka anaabeerangawo mu Kitawulizi era y'anaakubirizanga olukiiko olulonda ababaka b'Omuluka ogwo.

(2) Ababaka b'Omuluka ne balyoka balondebwa mu ngeri y'emu ng'ababaka b'emiruka bwe balondebwa mu Tteeka Ery'Okulonda.

14. (1) Omuntu yenna anaayagalanga okulondebwa okubeera memba w'Ekibiina Ekironzi anaawanga Omwami Owessaza olupapula lw'amaze okussaako omukono olusabirwako abaagala okulondebwa oluyitibwa Form "A" eri mu Appendix eri mu Biragiro bino ng'olunaku Katikkiro lwe yalaga okulonderako terunnayita. Omwami owoomuluka atwala omuluka oyo asaba okulondebwa mw'abeera anaalussangako omukono gwe ng'omujulizi.

(2) Obutasussa nnaku ssatu okuva ku lunaku olw'okuweerayo amannya ag'abasaba okulondebwa nga bwe kiri mu katundu (1) mu Kiragiro kino Omwami Owessaza anaatimbanga olukalala lw'amannya ag'abo bonna abasaba okulondebwa mu kifo ekirungi abantu we bayinza okugalabira ku mbuga ye ne ku buli mbuga ya Ggombolola mu Ssaza omwo.

(3) Omwami Owessaza taawandiikenga mu lukalala lw'amannya ag'okulondamu omuntu yenna ye mu kulaba kwe gw'alaba nga tateekwa kulondebwa okubeera omubaka w'Essaza okusinziira mu Kitundu 18 eky'Etteeka ery'Okulonda. Omuntu yenna anaabanga tasiimye nsala ya mwami Owessaza anaayinzanga okujulira mu Mbuga Enjawufu eri mu Kitundu 32 eky'Etteeka Ery'Okulonda ng'ennaku ssatu tezinayita era embuga eyo ejulirwamu eneeuwiranga okujulira okwo olunaku Katikkiro lw'anaabanga alonze nga terunnatuuka.

15. Ku lunaku Katikkiro lw'anaabanga alonze Ababaka b'oku miruka banaakunganiranga mu Ggombolola y'Essaza ne balonda abantu basatu abanaabanga beewaddeyo okulondebwa okubeera mu Kibiina Ekironzi era okulonda okwo kunaakolebwanga nga bwe kiba mu kulonda Ababaka b'Essaza okusinziira mu Tteeka Ery'Okulonda.

16. Amangu ago ng'okulonda kwakaggwa, Omwami Owessaza anaaweerezanga eri Katikkiro Form "B" eri mu Appendix mu Biragiro bino okuli amannya g'abantu abaloneddwa okubeera Ababaka ku Kibiina Ekironzi nga be babaka b'emiruka.

17. Embuga Enjawufu ezaatekebawo Etteeka Ery'Okulonda zinaakozesebwanga ne mu kulonda okunaabangawo nga kwesigamizibwa ku Biragiro mu ngeri gye bikolaganamu n'Etteeka Ery'Okulonda.

18. Amangu nga Gavana yaakasaba Katikkiro okumuweereza erinnya oba amannya g'abantu b'anaafuula Omubaka oba Ababaka b'abantu (Representative Member or Members) ba Legislative Council Katikkiro anaayitanga mangu Ekibiina Ekironzi okutuula ku lunaku lw'anaalabanga lusaanidde era Ekibiina Ekironzi bwe kinaabeeranga nga si kironde, anaalanga ennaku ezeetaagibwa ez'okulonderamu Ekibiina ekyo.

19. (1) Ekibiina Ekironzi bwe kinaatuulanga ku mulundi ogusooka kinaasookanga kulonda Mukubiriza nga kimulonda okuva mu bammemba baakyo; era okuva ku mulundi ogwo ku buli mirundi emirala Katikikiro lw'anaayitanga Ekibiina ekyo okutuula, Omukubiriza anaalaganga olunaku ng'ennaku musanvu okuva lwe yalondebwa tezinnayita, nga lwe lw'enkomerero kw'anaafuniranga amannya g'abo ab'okulondebwamu abo ab'okuweereza eri Gavana.

(2) Okulonda amannya kunaakolebwanga mu buwandike era ganaaweebwanga Omukubiriza abantu abatakka wansi wa basatu ku abo ab'Ekibiina Ekironzi.

20. (1) Abantu banaayinzanga okulondebwa olw'okusembebwanga eri Gavana ne bwe bataabenga bammemba b'Ekibiina Ekironzi.

(2) Tewali muntu n'omu anaalondebwanga n'okuweerezebwa eri Gavana singa nga:—

(a) Anaalondebwanga ng'ali mu kkomera; oba

(b) Bw'anaabeeranga tamanyi lulimi Lungereza; oba

(c) Bw'anaabanga nga si wa mu Buganda (resident); oba

(d) Bw'anaabanga tannaweza emyaka abiri mu gumu egy'obukulu.

21. (1) Omukubiriza w'Ekibiina Ekironzi anaateekateekanga olukalala lw'amannya g'abantu agaleeteddwa era amangu nga bw'anaabanga asobodde anaayitanga Ekibiina Ekironzi n'akigabira kopi z'olukalala lw'amannya ago.

(2) Amannya g'abantu agaleeteddwa mu butuufu okulondebwamu bwe gataasukkenga muwendo gw'abantu abeetagibwa, Omukubiriza anaaweereza eri Katikikiro ago agalondeddwa ne Katikikiro n'agaweereza eri Gavana olw'okufuulibwa Babaka b'abantu ku Legislative Council.

(3) Omuwendo gw'amannya g'abantu abaleeteddwa bwe gunaabanga gusukkirira ku ogwo ogwetaagibwa okulondebwa Ekibiina Ekironzi kinaakubanga akalulu ak'omu kyama ne kironde omuwendo gwennyini ogwetaagibwa nga gulondebwa okuva mu mannya g'abantu ananaabanga galeeteddwa.

22. (1) Ekibiina Ekironzi kinaalondanga mu ngeri eno:—

(a) Buli memba anaaweebwanga olupapula okuli amannya g'abantu agaleeteddwa olw'okulondebwamu era omulonzi anaakubanga akalulu ke ng'ateeka akabonero kano (X) ku linnya oba ku mannya g'ayagala ku ago agali ku lupapula olumuweereddwa okukubirwako akalulu:

Kyokka omulonzi taalondenga mannya gasukka ku ago ageetaagibwa era taakubenga bululu okusukka ku kamu ku muntu omu.

(b) Omukubiriza ng'ayambibwa abantu abalala babiri abakebezi b'anaabanga alonze okuva mu b'Ekibiina Ekironzi anaabalanga obululu era banaayanjulanga erinnya oba amannya g'abantu abasinzizza obululu obungi.

(c) Singa ab'okulondebwamu abamu bafunye omwendo gw'obululu ogwenkanankana naye ng'omu ku bo yekka y'ayinza okulondebwa, Omukubiriza anaasabanga Ekibiina Ekironzi okuddamu nate okukuba akalulu okusalawo ku abo abenkanyizza obululu asaanidde okulondebwa era olw'okulonda kuno buli memba anaaweebwanga olupapula oluggya okulonderwako.

(2) Olupapula olukubirwako akalulu olutawandiikibwa mu ngeri ntuuu nga bwe kyetaagibwa teruubalibwenga nga babala obululu.

23. Okulonda nga kwakaggwa, Omukubiriza w'Ekibiina Ekironzi anaaweerezanga eri Katikikiro erinnya ly'omuntu aba alondeddwa oba abantu ababa balondeddwa era ne Katikikiro bw'atyo n'aweereza amannya ago eri Gavana olw'okubafuula Ababaka b'abantu ku Legislative Council.

24. (1) Omuntu yenna, mu nnonda y'ababaka eno egoberera Ebiragiro bino, anaakolanga ekisobyo kyonna nga bwe kiri mu Tteeka Ery'Okulonda, anaavunaanibwanga omusango okusinziira mu Tteeka eryo era ng'omusango gumusinze anaaabonerezebwa nga bwe kyandibadde singa ng'abadde azzizza omusango ogwo mu Tteeka Ery'Okulonda.

(2) Omusango gwonna ogumenya Ebiragiro bino gunaawolezebwa mu Ggombolola Enkulu eya Ssaabasajja eyatekebawo mu Tteeka ly'Eggombolola z'e Buganda erya Protectorate ya Uganda (Buganda Courts Ordinance), kasita oyo awozesebwa anaabeeranga omu-Africa.

APPENDIX

FORM A

(Ekiragiro 14)

Nze, ow'e
mu Muluka gwa mu Ggombolola ya
mu Ssaza njagala okwewaayo okulondebwa
okubeera omubaka w'Essaza ly'e
mu Kibiina Ekironzi.

.....
Omukono gw'asaba.

.....
Omukono gw'omwami owoomuluka.
Olunaku

FORM B
(*Ekiragi* 16)

Nze, Owessaza
nkakasa nga bano wammanga balondebbwa okuva mu Ssaza lyange
okubeera ababaka b'Essaza lino mu Kibiina Ekironzi—

Erinnya

Essaza

.....
.....
.....

.....
Omukono gw'Owessaza.

e nga 19

.....
.....
.....
*Omukono gw'Omukubiriza,
n'Ogw'omuwandiisi
n'egy'Abakebezi.*

SCHEDULE EY'OKUSATU

- The Uganda Agreement (Judicial), 1905.
- The Uganda Memorandum of Agreement (Forests), 1907.
- The Uganda (Payment of Chiefs) Agreement, 1908.
- The Buganda Agreement (Allotment and Survey), 1913.
- The Uganda Agreement (Poll Tax), 1920.

SCHEDULE EY'OKUNA

1. Ebigambo "Obwakabaka bwa Uganda" buli we birabika mu Ndagaano yonna, mu kifo kyabyo waddewo ebigambo "Obwakabaka bw'e Buganda."
2. Ekitundu 1. Ggyawo ekigambo "Uganda" mu bigambo (sentence) ebisembayo, ozzeewo ekigambo "Buganda."
3. Ekitundu 6. Ggyawo ebigambo byonna okukoma ku bigambo bino: "okuddamu mu misango egyo."
4. Ekitundu 8. Ekitundu kino kiggyewo.
5. Ekitundu 9. Ekitundu kino kyonna kiggyewo okuggyako ebigambo ebitandika ne bino "Aba Gavumenti ya Queen" n'ebikoma ne bino "okufuga bulungi Essaza lye", era n'okuggyako ebigambo ebitandika ne bino "Mu buli Ssaza" okutuuka ku nkomerero.
6. Ekitundu 10. Ekitundu kino kiggyewo.
7. Ekitundu 11. Ekitundu kino kiggyewo.
8. Ekitundu 12. (a) Ggyawo ebigambo bino "n'ab'Oluikiiko abasinga obungi okukikirizanga", ozzeewo bino "akikirizza ng'agoberera ekiteeso ekiyisibwa n'obululu bw'abasinga obungi mu Lukiiko."
(b) Ggyawo ebigambo "province ya Uganda" buli we birabika, ozzeewo "province ya Buganda."

SCHEDULE EY'OKUTAANO.

The Buganda Agreement (Native Laws), 1910.

The Buganda (Declaratory) Agreement (Native Laws), 1937.


SCHEDULE EY'OMUKAAGA.

EKITUNDU EKISIMBUDDWA MU REPORT Y'AKAKIIKO K'OLUKIIKO
AKAATUMIBWA OKWEKEENENYA EBYASEMBWA AKAKIIKO
KA HANCOCK.


"Ab'Akakiiko ka Hancock baasemba nti Abaganda abalirondebwa okutuula ku Legislative Council balondebwe Lukiiko lwennyini. Tulo-wooza, oluvannyuma lw'okufumitiriza n'obwegendereza nti basaanira balondebwe buterevu abantu bennyini be bagenda okukikirira so ssi Lukiiko."

ETEEKEDDWAKO Omukono ku lunaku luno olwa 18 October, 1955,

Kulwa
Her Majesty Queen Elizabeth II


.....
Gavana.

Kulwa
Kabaka, n'Abaami n'Abantu b'e Buganda


.....
Kabaka.

ABAJULIZI:

Uthamila
Lusaka
Mull
Soto

Lindaya.

Bulu
i-~~stak~~

A. K. alulu Sempu
V. K. Lulu

Bumaru

adiondo.

D. P. Soko Mubumba

C. A. L. Lichander

J. J. J. J. J.
J. J. J. J. J.

J. J. J.

M. M. M.

H. M. N. J. J. J.

38

J. J. J. J. J. J. J.
J. J. J. J. J. J. J.

S. J. J. J. J. J. J.

J. J. J. J. J. J. J.

~~Atkinson~~
~~Atkinson~~
~~Atkinson~~

ABAJULIZI:

E. M. K. Molina

~~Atkinson~~

Shirish A. Kasujja

~~Atkinson~~

Kenneth Tipler

~~Atkinson~~

~~Atkinson~~

[Faint, illegible handwriting, likely bleed-through from the reverse side of the page. The text is too light to transcribe accurately.]

